OKUTONGOZEBWA 3

. . .-ganda Neville. Ekibiina, mwasuze mutya. Tusanyuse nnyo okukomawo nate okubabuuzaako nate mu Linnya eryo eriyinza byonna erya Mukama waffe Yesu. Nga tukkiriza nti mubadde ne wiiki ennungi ddala ey'amatendo Ge wamu n'emikisa Gye.

2 Mbadde nnyingira awo ku makya gano, ne nsisinkana awo akalenzi akato ne kampa ekifaananyi kya Malayika awa obukuumi nga akuuma abaana babiri abato. Mbadde sitegedde na kutegeera nti oyo ye Daulton, omulenzi omuto Daulton.

3 Ne jjuuzi wano wiiki ntono ezaakayita, manya . . . Ndowooza wiiki nga bbiri eziyise, waaliwo taata, taata Omukristaayo, eyali asabira muwala we ali mu myaka egy'ekivubuka atannaba kufuuka Mukristaayo, taata oyo bwe yali ayimiridde mu lunyiriri lw'ab'okusabirwa. Omwoyo Omutukuvu n'ayogera n'agamba nti, "Nku—Nkuwa omwana wo." Era omuwala oyo wuuno wano enkya ya leero, yalokoka n'okubatizibwa n'abatizibwa mu Linnya lya Mukama waffe Yesu, atudde ku kituuti, kyennyini ddala nga Omwoyo Omutukuvu bwe yayogera. N'abaana abalala weebali batudde wano. Ab'ennyumba ya Daulton mmanyi basanyufu.

4 Nnengera n'omukyala ali erudda wali nnyina w'omwana eyasabirwa ku Ssande ewedde, eyali alowoozebwa nti agenda kufa. Naye ndaba nga omwana oyo akyali naffe enkya ya leero, era tuli basanyufu nnyo olw'ekyo, mwannyinaffe. Omwana oyo baali balowooza alina endwadde ezivaako okunafuwa n'okuseebengerera kw'ebinywa, naye teyazirina. Kale tukyebaliza nnyo nnyini.

5 Ndaba mikwano gyaffe bonna abalungi. Omusajja ono wano mujjukira lumu bwe yajja gyendi okunsisinkana okubaako ne bye twogera mu—mu Chautauqua, ndowooza gye kyabeererawo. Nnalya naawe ekyenkya wamu ne mukyala wo n'abaana bammwe, nzikiriza . . . manya ggwe ne mukyala wo, manya n'abaana, weewaawo, nabo baaliko. [Ow'oluganda agamba nti, "Middletown."—Omuk.] Middletown, ku . . . Naye fenna . . . Erinnya ly'ekifo ekyo ndyerabira nnyo, kale mmala gakyeyitira Chautauqua. Yee, ssebo. Bangi ku mikwano gyange abalungi.

6 Ow'oluganda Charlie Cox ne Mwannyinaffe Nellie erudda wano, ewaka waabwe awambeeredde eka aw'okubiri, ate kyenkana mulabika muli baana bange bennyini. Ntera okugendayo, obudde bwange obusinga gye mbeera nga mpummuddemukko, mbeera mmanga eyo. Ye muyizzi wa bukaamuje asingayo mu Kentucky bwe mba ndi mu Indiana. Kale ab'omu Indiana . . . Ate Charlie, nkubuulira muli nnina

okuyaayaana, amazima mpulira nga eyeetaaga okukwatayokko ku ngege oba empuuta nga sinnasimbula kwolekera ngulu eri. Muli mpulira nga nsobolera ddala okukikola.

7 Ow'oluganda Parnell . . . Par- . . . Arnett, okuva mu Lou- . . . South Carolina. Ne Ow'oluganda . . . Kale, ddala waliwo bangi nnyo wano abavudde mu bifo eby'enjawulo, abazze okutukyalirako enkya ya leero.

8 Omanyi, wano tetulinaawo bya bwa mmemba bwa nkalakkalira. Tubeera bubeezi na kussa kimu buli omu ne munne, nga Omusaayi gwa Yesu Kristo, Omwana wa Katonda, bwe gutulongoosa okuva mu butali butuukirivu bwonna.

9 Kati, tulina eky'okuyigako eky'ekitalo, ekiyitirivu ennyo. Era tu, waakiri nze ku bwange . . . mmanyi nkinyumirwa, era mmanyi nammwe mwenna mukinyumirwa. Ebiseera ebimu, ŋŋenda ne ntandika okukyogerako manyanga okukisomako okuyita mu lunaku, ne nsomayo ennyiriri nga bbiri ne ntandika okutalaaga Ebyawandiikibwa, ŋŋenda okwejjuukiriza, nga nnokodde okuva mu Lubereberye okutuuka mu Kubikkulirwa, ate nga nkyagenda mu maaso.

10 Ate, mumanyi, nga nnandyagadde nfuneyo ekiseera we tusobola oku—we tusobolera okukwata ku Kitabo kya—kya Abaebbulaniya, ne tukimalako nga . . . Kale, ekiseera kya bukaamuje bwe kitandika, nga Ssebutem- . . . nga awo mu Okito- . . . Agusito bwe watyo, omanyi, ne tweyongererayo ddala okutuusa ekiseera ky'okugenda emitala w'amayanja, nga buli kawungeezi tubeera ku Kitabo kimu ekyo eky'Abaebbulaniya, manya Ekitabo ky'Okuva. Nga tulaba engeri Katonda, mu kitabo ky'Okuva, bwe yafulumya abantu Be okuva e Misiri, mu kuva! Eky'okulabirako ekirungi gye tuli mu kaseera kano nga twetegekera okuva okwaffe. Kiri, ha, ddala kintu kiyitirivu obulungi. Ebyawandiikibwa byonna wamu bikwatagana, ne bikola Emboozi emu ennene ey'awamu.

11 Kati, enkya ya leero tu—tukyali mu Kitabo kya . . . Twalina okukwata ku ssuula essatu ezisooka eza—ez'Ekitabo ky'Abaefeeso. Ebbaluwa ya Pawulo gye yawandiikira Abaefeeso abaali mu Efeso, nga agezaako okuteeka ekkanisa mu kifo kyayo mw'erina okuba. Naye nga tetunnakiyingiramu, leka tukozeseeyo eddakiika nga emu oba bbiri tusabe, nga tetunnatandika.

12 Ayi Mukama, Katonda waffe, tujja mu Maaso Go kaakano, nga tetusaanidde yadde, naye tumanyi nga waliwo Ssaddaaka ey'Omusaayi erindiridde, ey'okutulongoosaako obucaafu bwonna, oluvannyuma twanjulibwe mu maaso ga Kitaffe, nga tetuliiko kunenyezebwa kwonna, tetuliiko bbala. Kino tewaliiwo kintu kyonna kye tuyinza kukola kukigwanira. Wabula kubanga kino Yesu yakitukolera, tuvunnama n'obuwombeefu mu Maaso Ge n'eri Erinnya Lye, nga tusaba Oweereze Omwoyo Omutukuvu

enkya ya leero mu makkati gaffe. Era nga bwendi omuntu ataasomerera bya ddiini nga ssimanyi na kusengeka bulungi Byawandiikibwa nga bwe birina kuba, wabula nga mbugujja bubugujja mu mutima awamu n'okusiima olw'enneewulira y'Omwoyo Omutukuvu nga bw'Atambula mu nze, nsaba Atuwe omukisa ffenna wamu nga bwe tusoma Ekigambo Kyo ekyawandiikibwa, Kisobole okutubeerera Obulamu Obutaggwaawo. Kituwe, ayi Kitaffe. Tukisabye mu Linnya lya Yesu era ku lwa Yesu. Amiina.

13 Kati mu kaseera kano nnyinza okugamba, okusooka, nti ssinga wabaawo we njogerera ekintu kyonna ky'oyinza okuba nga tokkiriziganya nakyo, nga tekikwatagana bulungi na by'okkiriza, oba oli awo nga kikyamu ddala okusinziira ku njigiriza y'ewammwe, oba ekintu kyonna ky'oyinza obutakkiriziganya nakyo, nneesize Omwoyo Omutukuvu, okuba nti Anaakirungira ddala kibeere kiwoomu nnyo waleme na kubaawo . . . kwesittazibwa kwonna. Okiraba? Kyo—kyogerwe mu kwagala awamu n'okussa ekimu, nti ekyo ky'e . . . Kye kigenderewa kyakyo.

14 Kati okuyigiriza kuno kwonna kutandika n'obubaka obwabuulirwa Ssande ewedde, nzikiriza lwe bwabuulirwa, ku makya ga Ssande ewedde, obwa *Kabaka Eyagaanibwa*. Waliwo omuntu yenna eyaafunye olutambi olwo? Ndowooza bazirina, kale musobola okuzifuna bwe muba mwagadde, *Kabaka Eyagaanibwa*.

15 Kati ennaku ebula mbale tutandike enkuŋŋaana ez'okubeera . . . engulu eri mu Middletown, Ohio. Twagala abo bonna abanaabeera mu kuwummula kwabwe—kwabwe mu kiseera ekyo okukakasa nga batusisinkanayo, kubanga tusuubira okuba n'ekiseera ekirungi ennyo ddala eky'okussa ekimu mu Middletown, Ohio. Dokita Sullivan ndowooza, ye ssentebe w'akakiiko akateesiteesi. Era zijja kuba za nnaku ttaano, nja kubuulira nga—nga omubuulizi omugenyi mu Lukuŋŋaana lw'Ensi yonna olw'ekkanisa egatta Enzikiriza. Bwe—bwe lunaggwa, olwo olwaffe lulyoke lutandike. Tulutegese nga lwa kubaawo okutuuka ennaku z'omwezi kkumi na bbiri, naye nga twakkiriziganya nti tuyinza n'okweyongerayo mu wiiki endala nga eyo eweddeko, okusinziira ku Mwoyo Omutukuvu bw'alituluŋŋamya. Ffenna twagala kukulemberwa Mwoyo; kale kyonna kyonna Omwoyo ky'atugamba okukola, leka tukikole mu bwangu ddala.

16 Era leka tujjukire nga bwe tugondera Omwoyo, eky'okuyiga ekikulu kye twagala tuyige, bwe butayanguyiriza. Olaba, toyanguyiriza, beera n'okukkiriza. Bwe tubaako ne kye tusabye Katonda, leka tujjukire nti Katonda ayanukula okusaba. Akikola mu budde Bwe, mu ngeri esingayo okuba ennungi, n'akireetera okukola mu ngeri esingayo obulungi ku lwaffe. Kati ekyo bwe kiba si bwe kiri, olwo wano tuba tukolawo ki enkya

ya leero? Twe—tweyitira ki Abakristaayo? Katonda . . . Kino bwe kiba nga si kye Kigambo kya Katonda, kitegeeza si Kituufu, era mu bantu bonna tubeera abantu abasingayo okuba abasaasirwa.

17 Ndi musanyufu nnyo okussa ekimu n'abalala bangi abali wano abamanyi nti Kino ky'Ekigambo kya Katonda ekitaliimu nsobi. Kitegeeza Kyo, buli Kigambo kyonna ekikirimu Mazima meereere, buli Kigambo kyonna ekikirimu, buli nnyingo ya Kyo. Era olw'ekisa kya Katonda, nnaweebwa omukisa okulaba ku Nsi eri lumu gye tuligenda.

18 Eggulo (Abantu tebamanyi mbeera ya kunyigirizibwa omuntu gy'ayitamu nga alina obuweereza ekika kino.), nnabadde mwennyamivu nnyo, okutuusa lwe nnagambye mukyala wange nti, "Kale ssinga mbadde nsobola okusomoka ne ŋŋenda eka."

N'ambuuza nti, "Kiki ekikwogeza otyo, Bill?"

Ne mmugamba nti, "Ha, wano nnina emitawaana n'ebinteganya."

19 Oluvannyuma kyalabise nga Omwoyo Omutukuvu eyabadde ambuuza nti, "Kati olwo oyagala kugezaako kubyebalama? Ogezaako—ogezaako kubyewala?" Olaba?

20 "Nedda," ne ŋŋamba nti, "byonna nsaba mbyeŋŋange mbigumire mbiyitemu." Olaba, mbi . . . Mulaba?

21 Eri wasingira wala. Mu bwesimbu, era mu mazima, kino nkyogera nga nnakirabako n'amaaso gange, nti obulamu buno olukoma buti, tuyingira Ensi esukkulumye ekintu kyonna omuntu ky'ayinza okulowoozaako. Era bwe wabaawo abagenyi bonna wano, nzikiriza nti temu . . . Nsaba Katonda muleme kundaba nga muzoole. Nja—njagala, bwe wabaayo ekintu kyonna kye njagala, kwe kubeera omwesimbu n'okwogera Amazima. Ye kalungi ki ke nnandifunye mu kwogera ekintu ekitali kituufu, nga waliwo bingi—waliwo bingi ebiri muno eby'Amazima? Ffe, ye ddala kiki ekyanditwogezza ekintu ekitali kituufu? Olaba? Ge, Mazima meereere.

22 Era, tekyewuunyisa, nzikiriza yali Pawulo eyasitulibwa n'atwalibwa mu ggulu ery'okusatu, n'alaba ebintu bye yali tagwanira na kwogerako. N'okutuusa nti lumu yagamba nti, "Eriiso bye litalabangako, n'okutu bye kutawuliranga, era ebitayingiranga mu mutima gwa muntu, ebyo Katonda by'abategekedde (mu tterekero) abo abamwagala."

23 Ha, tubeera bubeezi mu . . . Eky'amazima, wano tubeera mu ntuumu ya kasasiro, tuli mu ntuumu ya bisaaniiko e—enyookamu ekikka ekiva mu bicaafu. Ebya . . . Newankubadde tetubyetabaamu kweyonoona nabyo nga ffe, naye bye bitwetoolodde, nga tunyookerwa omukka oguva ku bisiki by'ekibi. Ekimu ku bintu ebisingayo okwennyinyaza kye nnyinza okulowoozaako, kye kifo mu kibuga awookebwa kasasiro. Wali

okisembereddeko? Ekikka ekyo ekibi, ekiwunya ekivundu ekiva mu kasasiro owa buli kika. O—oluba okukiwunyirizaako oti, wenna ne weesisiwala.

24 Nzijukira lwe nnaserengeta ne ŋŋenda mu New Albany, emmanga ku...eky'emmanga w'oluguudo lwa Eighteenth Street, awaali ekifo kiri we baayiwanga kasasiro, nnalina okuserengetangayo okusoma zi mita. Era nnatyanga nnyo olunaku olwo lwe nnabanga nnina okugenda, ku luguudo olw'ekkumi n'omunaana, lwe nnabanga nnina okuserengeta okugenda emmanga eyo, kubanga nnabanga nnina okuwunyirwa ekivundu ekyo. Nga ate, mwabangamu emitulumbi gy'emmese n'egy'embwa na buli kimu, nga bwe mumanyi, ebyabanga bisirikka nga bivaamu ekikka ekyo ekibi.

25 Kati, nno, obulamu buno bwe bugeraageranyizibwa ekyo ky'ekisingayo, kye buli. Bunyooka bunyoosi, nga ekibi kiwunya okuva buli wamu, nga bwe tuyinza okukiyita, mu mwoyo. Naye, ha, waliwo awali akawewo akaweweevu, nga buli kimu kyonna kirungi mirembe na ssanyu na Bulamu Butaggwaawo, emitala eri nga osomose omugga. Naye tuli mu lutalo, n'olw'ekyo leka tuleme kugalamira kuwummula na kugamba mbu, "Leka twanguwe tweyune okutuukayo," wabula leka tuleete buli omu yenna gwe tusobola okuleeta. Weewaawo.

26 Era kati ekigendererwa ky'amasomo gano kwe kunywereza ddala abo abamaze okutuuka mu Nsi eyo. Ekigendererwa kya kino, eky'okuyiga ku Kitabo kino eky'Abaefeeso, kwe kuteeka ekkanisa mu kifo kyayo kyennyini w'eyimiririra ddala mu Kristo. Kifaananyi eky'Endagaano Enkadde n'Ekitabo kya Yoswa, Yoswa we yagabanyiza ensi. Twakyogerako Ssande eyayita, Yoswa we yagabanyiza ensi eri buli muntu. Era nga yakikola kusinziira ku kuluŋŋamizibwa.

27 Twalaba nga Musa bwe...yafulumya abantu okubajja e Misiri, awaali katunguluccumu, n'obutungulu, n'abajjayo, n'abawa ekifo Katonda kye yali yabasuubiza oluvannyuma lw'emyaka ebikumi bina...manyanga emyaka bina emabega, nti Alibatwala mu kifo, mu nsi ennungi ekulukuta amata n'omubisi gw'enjuki. Era Musa yakulembera abaana ba Isiraeri n'abatuusizza ddala ku nsalo y'ensi eyo, wabula teyabasomosa kugenda mitala.

28 Ne Yesu, eri ensi ey'omwoyo, eri abantu aba...twali twasuubizibwa Omwoyo Omutukuvu okuviira ddala ku lubereberye, Yesu n'atukulembera n'atutuusa ku nsalo y'ekisuubizo. Naye Omwoyo Omutukuvu n'ajja, nga Yoswa, okutwala ekifo okukulembera n'okuluŋŋamya n'okulya ensi, manyanga okuba n'obuyinza ku kkanisa. Tukiraba nti, okutwalira awamu, kati awo, mu...

29 Kati wano, oba oli awo, abantu we bayinza okulowooleza mbu ndi mukambwe era ngezaako butassaamu baaluganda

kitiibwa. Si kye nkola! Katonda nga ye mulamuzi wange, ekyo si kye nkola. Mukiraba? Ngezaako kubaako na kye nnambulula nga ge Mazima. Mukiraba? Tulonze abantu, okubeera abakulembeze, mu kifo ky'okukulembera, okuba n'abakulembeze, okukulemberwa Omwoyo Omutukuvu. Abantu twagadde be baba batugabanyiza ebitundu byaffe era be baba batukulembera, ebibiina by'amadiini nga Abamesodisiti, Ababaputisiti, Abapulesibeteriyani, Abaluzalaani, eddiini y'Ekkanisa ya Kristo, Abapentekoote, n'ebibiina by'amadiini ebirala eby'enjawulo, bye tulonze okutubeerera eky'okulabirako ky'ekibiina ekigunje, ne tuba nga ekyo kye tugoberera. Naye tuli . . .

30 Tewaliiwo wantu wonna mu Bayibuli we tugambibwa kukola kintu kifaanana bwe kityo. Tewaliiwo kitundu n'ekimu mu Byawandiikibwa, mu Bayibuli ya Katonda yonna, ekkanisa lwe Yali agigunjizzaamu ekibiina ekigunje oba we Yali ayogeddeko ku kibiina ekigunje, tewaliiwo kifo na kimu mu Bayibuli. Naye lubeerera yabeeranga akontana nabyo. Tayagala twefaanaanyirize bintu bya nsi. Ayagala tubeere ba njawulo, nga twawuliddwa.

31 Kati ssitegeeza "kwesiruwaza," nga bwe tukiyita. Ntegeeza okuba abantu abayitiddwaayo, o, eggwanga ettukuvu ery'omukisa, abatambulira mu bulamu obususse ekivume, nga tukola, era nga tweyisa nga Ye bwe yandyeyisizza, nga akolera mu ffe, kubanga tuli mulimu Gwe, abaatonderwa mu Kristo Yesu olw'ebikolwa ebirungi.

32 Kati, ku Lw'okusatu akawungeezi, bangi ku mmwe temwaliwo ku Lwokusatu akawungeezi, naye twayingira mu . . . nzikiriza lwe lunyiriri olw'okusatu oba lwe . . . Nedda, lwe lunyiriri olw'okutaano.

> . . . *okumufuukira abaana,* oba okuteekebwa kw'abantu mu bifo byabwe . . .

33 Ne tulaba nga Katonda, bw'agezaako okuteeka abantu Be mu bifo byabwe, era ne tulaba nti Katonda bw'ateeka omuntu omu mu kifo kye, olwo, ha, ekkanisa yonna babeera baagala kubeera nga oyo, babeere n'ebintu bye bimu, bakole ebintu bye bimu. Ffenna twabumbibwa mu ngeri ya njawulo, twakolebwa nga tetufaanagana, twakuzibwa mu ngeri za njawulo, era tuteekebwa mu bifo bya njawulo, buli omu ku lwa mulimu gwa njawulo; oba oli awo omu yakolerwa kukola mulimu mutonotono, ate omulala n'akolebwa kukola mulimu munene. Nzikiriza yali Dawudi oba omu ku bannabbi, nneerabiddemukko, eyagamba nti, "Waakiri mbeera ekiwempe ekisangulizibwako engatto mu Nnyumba ya Mukama, okusinga okuba . . . okutuula mu weema wamu n'ab- . . . n'ababi."

34 Kati tugenda kusooka kwesiba ku kutongozebwa okumala akaseera, olunyiriri olw'o 5, tugezeeko okukugendera ddala

ebuziba nga bwe tusobola. Naye kati mujjukire omulamwa, gwonna awamu guli ku kuteekebwa mu bifo. Ekyo bameka abakitegeera? Leka tuwulire nga mwogereramu wamu ekigambo kimu nti: "Okuteeka Omubiri gwa Yesu Kristo mu kifo kyagwo mu Kristo Omwoyo Omutukuvu mw'atukulembera okuyingira." Ky'ekyo kyennyini, kati awo tukitegedde, mulaba. Okututeeka mu bifo byaffe mwe tulina okuba, Ekitabo ky'Abaefeeso ekyo kye kirina okukola.

35 Era kati mwetegereze omuyigiriza ono omukulu, Pawulo. Ky'asooka okukola kwe kuggyawo endowooza yonna ey'okugwa. N'aggyirawo ddala endowooza yonna "ey'okuba Omukristaayo leero ate okukya enkya nga nnabivuddeko, ate olunaku oluddako nga Katonda ansalira musango ate oluddako nti ate nnakomyewo." Ebyo tebiriimu nsa! Kati kino . . . Kino Ekitabo tekyawandiikirwa eri kubuulira kw'ebweru, eri kubuulira kwa babuulizi b'ebweru. Tetu . . . Kino ebweru eri abonoonyi sikibuulirayo. Kino nkibuulira eri kkanisa, kubanga Pawulo bwe yali akiwandiika yakiwandiikira batukuvu, abo abaayitibwa ne bateekebwa ku bbali, ne bajjuzibwa ne baawulibwa, era nga bali mu Mwoyo Omutukuvu, nga baayingira dda mu Nsi ey'e Kanani. Agezaako okubagamba nti, ekisooka, mu ndowooza yo weggyeemu eky'okuba nti ogenda kubula era ogenda kukola *kino,* era otidde *kino*. Tobaako kintu kyonna ky'otya, kubanga agezaako okukutegeeza wa w'oli, na kiki ky'oli, ne butya bw'oyimiridde.

36 Kati, oyinza okubaako ebintu ebikyamu by'okola, era buli mulundi lw'okola ekikyamu ojja kukisasulira. Yee, ssebo, ojja kukungula ekyo ky'osiga! Naye ekyo tekirina kakwate konna na bulokozi bwo. Bw'ozaalibwa Omwoyo wa Katonda, obeera olina Obulamu Obutaggwaawo era obeera tosobola kufa nga ne Katonda bw'atasobola kufa. Obeera kitundu ku Katonda, obeera mutabani wa Katonda.

37 Nnazaalibwa ndi omu ku ba Branham. Oyinza okuntuuma erinnya eddala. Naye erinnya eddala teriggya kunkyusaako kantu konna, nsigala ndi omu ku ba Branham. Nnazaalibwa ndi omu ku ba Branham, era lubeerera nja kusigala ndi omu ku ba Branham. Nja . . . Lumu nnyinza okugongobala nzenna, obulwadde bw'ennyingo ne bunfunyaafunya nzenna, oba ne ngwa ku kabenje ne njuzibwayuzibwa ne ntuuka okufaanana nga ensolo, naye era ndisigala nkyali omu ku ba Branham! Lwaki? Omusaayi gwa ba Branham guli munda mu nze.

38 Ekyo naawe ky'oli. Era Katonda kasita aba nga yakukola . . . Kati mujjukire nti, wano ssoogera eri bali bweru wa Kristo. Njogera eri abo abali mu Kristo. Oyingira otya mu Kristo? "Ku bw'Omwoyo omu!" Ennukuta ennene etandika O-m-w-o- . . . ekitegeeza nti, "Ku bw'Omwoyo Omutukuvu omu fenna tubatizibwa okuyingira mu Mubiri gumu." Tu . . . Tuguyingiramu tutya? Nga tubatizibwa mu mazzi? Ku ekyo

nga sikkiriziganya nammwe Ababaputisiti nammwe ab'eddiini y'Ekkanisa ya Kristo. Si kuyita mu kubatizibwa mu mazzi, nedda nedda! Abakkolinso Ekisooka 12, wagamba nti, "Ku bw'Omwoyo omu, Omwoyo Omutukuvu, tuyingizibwa mu Mubiri ogwo." Era tubaako obukuumi nga Omubiri gwo bwe guliko obukuumi. Katonda ali . . . yakisuubiza.

39 Katonda ayinza atya okuddamu okumusalira omusango, nga Yagenda e Kalivaaliyo? Bwe Yali ayambuka e Gologoosa, Yakubibwa n'abetentebwa, nga Tasobola kuwona, nga kizibu, n'okwogera ekigambo yadde ekimu bwe kiti. Lwa nsonga ki? Yali yeetisse ebibi by'ensi ku Ye. Si lwa kuba nti Yali mwonoonyi, wabula "Yafuulibwa ekibi" ku lwange naawe. Ebibi by'ensi byonna okuviira ddala ku Adamu okutuuka ku Kujja Kwe, byali ku bibegabega Bye. Naye Katonda yali tabonereza Mwana We. Yali abonereza kibi. Mulaba bwe kyali eky'obukambwe? Yali awaayo mutango. Yali atemawo ekkubo ery'obuddukiro ku lw'abo bonna Katonda, okuyita mu kumanya Kwe okw'ebintu nga tebinnabaawo, be yamanyirawo nti balijja. Ekyo tugenda kukikwatako mu ddakiika ntono.

40 Kati, awo, bw'obeera "ku bw'Omwoyo omu tubatizibwa okuyingira mu Mubiri ogwo, Omubiri gumu, nga ye Kristo," era tubaako obukuumi emirembe gyonna.

41 Kaakati, awo we kirabikira nga ekitabulira ddala, nnaddala eri—eri—eri abakkiririza mu njigiriza y'Ekiruminiya, abakkiriza nti ba . . . balina okubaako ne kye bakola ekibagwanyiza, oba okubaako n'ekintu kwe basinziira okusaanyizibwa. Biyinza bitya okuba ebintu bibiri mu kiseera ky'ekimu? Kirina kuba kisa oba si ekyo bikolwa, ekimu ku bibiri. Tekiyinza kuba kintu ky'ekimu, tebiyinza kuba bintu bibiri eby'enjawulo; kirina kuba kimu ku ebyo ebibiri. Ki . . .

42 Nze, nga nze, sirina kirala kyonna kye ndaba okuggyako ekisa kya Katonda. Nnakolebwa bwentyo. Lubeerera mbaddenga nzikiririza mu kisa. Nzenna nzenna ndi kisa, kyereere. Si nti ni—ni . . . n'obulamu bwange, bwe nnali nkyali kalenzi kato, sirina kirala kyonna kye nnalabanga, okuggyako ekisa kyokka, kisa. Waliwo enjogera egamba nti, "Nja—nja ku . . . Ntakulaako mu mugongo nange nnaatakula ogugwo." Eky'amazima, njogera etasaana. Naye nze sifaayo oba ogwange ogutakula oba togutakula, naye ogugwo bwe guneetaaga okutakula, nze era nja kukutakula. Mukiraba, kisa. Yee, ssebo. Mulaba, ekisa tekikola watali kwagala. Bw'oba okyetaaga! Ne bw'oba tolina kye wali onkoledde, nga—nga tetumanyiganye yadde, naye kasita obeera nga okyetaaga nja kukikola. Kisa! Kubanga okyetaaga!

43 Nnali mu bwetaavu bwa kulokolebwa. Tewaaliwo kiyinza kundokola. Ssaalina kye nnyinza kwekolera kweyamba nga nze, nnali ssisobola kwerokola yadde okwekolera ekintu

kyonna. Naye nnali mu bwetaavu bwa kulokolebwa, kubanga nnali nzikiririza mu Katonda. Bw'atyo Katonda kye yava atuma Omwana We, nga ali mu kifaananyi eky'omubiri omwonoonyi, abonaabone mu kifo kyange, bwentyo ne ndokolebwa, nnalokolebwa lwa kisa kyokka. Tewaaliwo kintu n'ekimu kye nnali nnyinza kukola, oba kye wali oyinza kukola, kusobola kwerokola. Era abo be Yamanyirawo edda nga n'ensi tennatondebwa . . .

44 Twakiraba, ku Lwokusatu oluwedde. Twalaba Katonda bwe Yali akyali Elah, Elohim, ne tulaga nti Yali abeerawo ku bubwe yekka. Naye munda mu Ye mwalimu okubeera Taata, munda mu Ye mwalimu ebintu eby'enjawulo, okugeza nga okubeera Omulokozi, nga okubeera Omuwonya. Ebyo byonna byali mu Katonda, era Katonda yabeerangawo yekka era ku bubwe. Naye nga bwe Yali Omulokozi, Yali Kitaa . . . Teyalina Malayika yenna, Teyalina kintu kyonna. Tewaaliwo kintu kirala kyonna okuggyako Ye. Yali abeerawo yekka era ku bubwe. Tewaaliwo kintu kirala kyonna okuggyako Katonda.

45 Naye nga bwe Yali Katonda, waali wateekwa okubaawo ekintu eky'okumusinza, kubanga Yali ayagala okusinzibwa. Bw'atyo Ye Kennyini Mwene kye yava atonda ebitonde eby'okumusinza. Kati, okumala akaseera akatonotono, leka tuddemu tukyogereko, okumala akaseera, ekintu kyonna tetugenda kukiyitamu mu bulamba bwakyo, naye mujja kukifuna ku lutambi. Naye kati kubanga Yali Katonda, Yakola Bamalayika, era Bamalayika ne bamusinza. Bamalayika na buli kati bakyamusinza. Kubanga, Bamalayika abayimirira mu Maaso ga Katonda balina emigogo mukaaga, egy'ebiwaawaatiro, manyanga ebiwaawaatiro mukaaga. Ebibiri babibikka ku maaso Gaabwe, ebibiri ne babibikka ku magulu Gaabwe, ate ebibiri ne babikozesa, okubuukira mu Maaso Ge, nga bwe boogerera waggulu emisana n'ekiro nti, "Mutukuvu, mutukuvu, mutukuvu, Mukama Katonda Ayinza byonna." Ekyawandiikibwa bwe kityo bwe kigamba. Bwe batyo Baamusinza, kati awo ne waba nga watondeddwawo ekintu eky'okumusinza.

46 Kati munda mu Ye mwalimu n'obusobozi obw'okubeera Omulokozi. Naye nga ddala ekimu ku Bitonde ebyo, awataali kibi wadde ekirowoozo eky'ekibi, ekimu ku Byo kyandibuze kitya? Kyali tekisoboka. N'olwekyo waalina okubaawo ekintu ekitondebwa nga kisobola okubula, Asobole okufuuka Omulokozi. Munda mu Ye yali Muwonya. Mukkiriza nti Mulokozi? Mukkiriza nti Muwonya? Naye watya singa tewaaliwo kintu kyonna kya kulokola oba kuwonya? Mukiraba, waalina okubaawo ekintu ekyakolebwa bwe kityo.

47 Kale kati, naye Teyakikola bw'atyo, wabula Yawa omuntu eddembe ery'okwesalirawo, "Bw'otwala *kino* ojja kubeera mulamu, bw'otwala *kiri* ojja kufa." Era buli muntu yenna ajja

mu nsi na buli kati ateekebwa ku kintu ky'ekimu. Katonda, olw'okumanyirawo Kwe okw'ebintu nga tebinnabaawo, yamanya ani alirokoka ne ani atalirokoka. Katonda bw'aba . . .

48 Eggulo omukugu omu mu by'eddiini, yambuuzizza ekibuuzo, oba oli awo abaddenga ajja mu nkuŋŋaana oba nga yawulirizza lutambi, yaŋŋambye nti, "Ekibuuzo kimu kyokka!" N'ambuuza nti, "Ekyo kitegeeza Katonda ali buli wamu? Ye olwo," n'abuuza nti, "kitegeeza nti Asobola okubeera buli wamu?"

49 Ne mmugamba nti, "Tali buli wamu nga ekigambo ekyo bwe kyogera nti ali buli wamu. Tasobola kuba Kintu ekiramu ate n'aba nga ali buli wamu. Bw'Aba ali buli wamu, lwaki ate osaba okufuna Omwoyo Omutukuvu? Bw'Aba ali buli wamu, kitegeeza Ajjuza buli lwatika lwonna, ali mu buli nsonda, mu buli kawaatwa, mu buli katoffaali, mu buli kasiwa, na mu buli kimu kyonna." Ne mmubuuza nti, "Kiki ekyamunoonyesa Musa, mu kisulo, bw'Aba ali buli wamu? Kiki ekyamwetawuza n'Adda eno n'eri mu lusuku Adeni nga akowoola nti, 'Adamu, Adamu, oli ludda wa?' bw'Aba ali buli wamu?"

50 Ali buli wamu lwa kubanga Amanyi byonna. Amanyi buli kimu kubanga Taliiko kkomo mu kumanya, kale kubanga taliiko kkomo mu kumanya kimufuula okuba nti Ali buli wamu. Kati kubanga Ali buli wamu, era, taliiko kkomo mu kumanya, kale, Atuula mu Ggulu. Alina ekifo mw'abeera kubanga Ye Kintu ekiramu.

51 Naye, nga bw'ataliiko kkomo mu kumanya, kitegeeza Amanyi ebintu byonna. Amanyi buli mulundi akabu lwe katemya. Amanyi buli vvuuvumira, gye ligenda mu bisenge by'enjuki okufuna omubisi gwalyo. Amanyi buli nkazaluggya yonna w'etudde mu muti. Amanyi buli kirowoozo ekiri mu mutima gwo, kubanga Ye taliiko kkomo mu kumanya era amanyi byonna. Ekyo kitegeeza, Ye takoma ku butaba na kkomo mu kumanya kyokka, naye Amanyi byonna, Amanyi buli kimu. Naye era Ye Kintu ekiramu, Katonda Kintu ekiramu, era okuva mu Kintu kino ekiramu mwatandika okuvaamu bino.

52 Kati ekibi, ekiro kyali luli nnagamba nti, ekibi si kitonde. Tewali kintu kyonna kyatondebwa nga tekiri mu mbeera etuukiridde. Katonda ebintu byonna yabitonda nga birungi. Ekibi si kitonde. Kyogeddwa entakera nti, "Naye, ekibi kyatondebwa bwe kityo." Ekyo mwali mukiwuliddeko. Naye eyo nsobi. Ekibi. . . Waliwo Omutonzi omu yekka, era oyo ye Katonda. Katonda yali tasobola kutonda kibi, kubanga Ye mutukuvu era mu Ye temuli kiyinza kukikola. Ekibi kukyamizibwa; so si kitonde, wabula kukyamizibwa. Obwenzi kiba kikolwa ekirongoofu ekikyamiziddwa. Obulimba gaba mazima agoogerwa nga ganyooleddwa. Ekibi kyonna, ekibi kyonna buba butuukirivu obukyamiziddwa.

53 N'olwekyo kaakati, Katonda y'ategeka. Yamala okweyoleka ky'Ali, Ye Katonda. Yamala okweyoleka nga Omulokozi, omuntu yali abuze n'Amulokola. Yamala okweyoleka nga Omuwonya. Abantu ne bwe bamuyita kiki kyonna tekirina kye kikyusa; era, mu buli ngeri, Ye ekyo ky'Ali. Muwonya, Mulokozi, Ye Katonda, Taggwaawo. Era Alina ekigendererwa. Era ekigendererwa Kye, ku lubereberye kwali, kukola bitonde ebinaamwagalanga era ebinaamusinzanga.

54 Era ebitonde Yabikola, naye ebitonde ne bigwa. Bw'atyo Katonda, okuyita mu kumanya Kwe okutaliiko kkomo, yalengera okuyita mu ntambula y'ebiseera n'alaba buli muntu yenna alirokoka. Buli muntu yenna, Yakimanya okuyita mu ku-. . . kumanya kw'ebintu nga tebinnabaawo. N'olwekyo bw'Aba nga, olw'okumanya okw'ebitannabaawo, yamanya ani alirokoka ne ani atalirokoka, Yali asobola okwawula. Kitegeeza, kati awo ekigambo ekyo kiba tekikyali kigambo kibi n'akatono, si bwe kiri? Yali asobola okwawula, kubanga Yamanya ani alirokoka ne ani atalirokoka. Na bwe kityo, okusobola okukwata abo abaali ab'okulokoka, Yalina okuwaayo omu—omutango ku lw'ebibi byabwe. Ha, bwe tunaaba tusobodde, twagala tukituukeko, okkirirako wansi ennyiriri nga ziizo. Yatwawulira okufuna Obulamu Obutaggwaawo, bwe yamanya abo abalissa ku bbali buli kimu, nga tebafuddeeyo oba abaana b'ensi babalaba batya, nga tekirina kye kibakyusaako n'akatono, kubanga baana ba Katonda. Bw'atyo kye Yava abayita.

55 Era n'Atuma Yesu, Omusaayi Gwe gubeere omutango, Omusaayi ogutangirira, okuwaayo omutango, oba e—ekikkirizibwa oba ekirongoosa. Omutendera ogw'okulongoosanga entakera. . . Si mulundi gumu gwokka mu lukuŋŋaana olumu, wabula "abeera mulamu ennaku zonna, okwegayiriranga," Omukristaayo asobole okukumiibwanga nga mulongoofu emisana n'ekiro. Ogwo gwe Musaayi gwa Yesu Kristo ogwaleetawo o—okukkirizibwa wali ku musaalaba. . . mu Maaso ga Katonda, ogutulongoosa entakera, emisana n'ekiro, okutuggyako buli kibi. Era twakindikirwa munda muli nga tuliko obukuumi. Twakindikirwamu tutya? Twakindikirwa Omwoyo Omutukuvu, ne tuyingizibwa munda mu Mubiri gwa Mukama waffe Yesu, era tuli ntende. "Oyo awulira Ebigambo Byange n'akkiriza Oyo eyantuma, alina Obulamu obutaggwaawo era talijja mu musango, wabula aba avudde mu kufa nga azze mu Bulamu." Teri kusalirwa musango kulala! Omukristaayo taligenda mu kusalirwa musango. Kristo Yamugenderayo. Omuwolereza wange yayimirira mu kifo kyange. Yampolereza, nti nnali simanyi. Yagamba Kitaffe nti nnali ssisaanidde, nti nnali simanyi. Wabula n'Anjagala n'atwala ekifo kyange, n'ampolereza, era kati ndi wa ddembe! Yee, ssebo. Era Yayiwa Omusaayi Gwe, n'aguwaayo ku lw'ebibi byaffe.

56 Mujjukira kye twagamba ekiro ky'Olwokusatu oluwedde, Omukristaayo ta . . . Omukristaayo ayonoona, wabula omwonoonyi tayinza kwonoona. Omwonoonyi tayonoona, kubanga mwonoonyi. Okusooka kwa byonna aba mwonoonyi, nga ky'ali. Wano, leka tukozese—tukozese eddiba ly'ekitabo kino nga eky'okulabirako, liddugavu, kati kitundu kyenkana wa ku ddiba lino ekiddugavu? Lyonna liddugavu. Teririnaako katundu konna keeru, lyonna liddugavu. Oyinza okugamba nti, *"Wano* eno." Nedda, si weeru, ekintu kyonna kiddugavu. Lyonna liddugavu. N'omwonoonyi bw'atyo bw'ali. Okusooka kwa byonna yasingisibwa dda omusango. Kati, oyinza okumbuuza nti, "Ate ssinga akola obwenzi? Ate singa abaako omukazi gw'akabassanya? Ate bw'a—ate bw'azannya zzaala? Ate singa akuba omuntu essasi?" Ebyo tetubivunaanyizibwako. Ebyo tetubivunaanyizibwako, wano tulinawo amateeka agavunaanyizibwa ku ebyo. Tetuliiwo kukyusa nneeyisa za bantu, tuli babuulizi ba Njiri. Tetumusalira musango kumusinga olw'ekyo ky'aba akoze, tetumusalira musango kumusinga olw'okuba yayenze. Tumusalira okuba nti gumusinga lwa kuba mwonoonyi! Ssinga abadde Mukristaayo, teyandikikoze. Ekyo bwe kiri. Ssinga abadde yakyusibwa, ekyo teyandikikoze. Naye kubanga mwonoonyi, ekyo kye kimuleetera okukola ekyo.

57 Awo we—we kitegulira enkondo abakwata amateeka gye beesigamyeko. Yee, ssebo. Ow'oluganda, leka nkubuulire, "'Tetulokolebwa lwa bikolwa, wabula tulokolebwa lwa kisa, era nga ekyo kijja lwa kukkiriza." Yee, ssebo. Kati, sijja kunenya baaluganda abakwata amateeka, baganda bange. Era balibaayo nga n'abalala bonna bwe balibaayo, kubanga Katonda Ekkanisa Ye yagyawulira okubaayo. Naye omutawaana guli nti, abantu mu—mubaleetera okubeera nga bonna batabuddwa, tebamanyi kituufu kye kiruwa. "Leero, naye, tomanya, osanga na—na . . . " Babuulire bategeere; nti kasita babeera n'okuwankawanka olw'ebintu by'ensi, kitegeeza okusooka kwa byonna tebaliiyo.

58 Siri mwesigwa eri mukyala wange mbu kubanga ndowooza nti ayinza okunnobako. Ndi mwesigwa eri mukyala wange lwa kubanga mmwagala. Kuli kusalawo kwe twakola mu mateeka, okulaga nti twagalana. Okusooka, nga tekunnabaawo, waalina okubaawo okwagala. Mmwagala. Newankubadde nzikiriza nti ssinga mbaako ekikyamu kye nkoze, abeera ajja kunsonyiwa, naye era siyinza kumala gakikola. Mmwagala.

59 Bwe kityo bwe kiri n'eri Kristo. Ssinga mpa—ssinga mpangaala . . . Nnina emyaka ataano, ssinga mpangaala okutuuka ku myaka kyenda oba kikumi, ne mpeebwa emyaka emirala kikumi okubuulira, naye ne ssibuulira yadde omulundi ogumu guti, ne nserengeta buserengesi emmanga eri ku mugga ne ntuula eyo, nja kusigala nga ndi mulokole. Katonda yandokola olw'ekisa Kye, awataali kintu kyonna kye nnali nnyinza kukola, oba kye nnakola, oba ekintu ekirala kyonna.

Mbuulira kubanga mmwagala era njagala abantu Be. Era eyo y'ensonga kwe ntegeerera nti nnava mu kufa ne nnyingira mu Bulamu, kubanga mbaagala era mbanoonya yonna gye bali. Si nsonga oba mbeera ki mwe bali, era ŋŋenda ne mbanoonyaayo. Era ŋŋenda ne mbajjayo, ne mbasikayo ka kibe kiki. Abaweereza ne bwe batakkiriziganya nange n'abalala ne batakkiriziganya nange, n'ebibiina by'amadiini ne bitakkiriziganya nange, ebyo tebinziyiza. Waliwo ekintu eky'enjawulo! Tebyamuziyiza Ye! Yawaguza wakati mu butakkiriza, naye tebwamuziyiza, Yasigala yeeyongera bweyongezi mu maaso. Ekyo naffe kye tukola, tugenda ne tubakwakkulayo, mu buli ngeri ne tubajjayo. Ka kibe kiki, golola omukono gwo, omukwate, omunywereze ddala n'amaanyi go gonna. Tomanyi be b'ani. Taasa obulamu bwabwe. Ekyo kikolwa kwagala. Si kubanga "nteekwa okukikola," wabula kubanga nnina okwagala, kubanga olina okwagala.

60 Ogamba nti, "Nsaanye okugenda ntereeze n'omukazi oyo, naye, nkubuulira essaawa eno, ndowooza kubanga ŋŋenda mu kkanisa nsaanye ŋŋende nkitereeze." Nedda, ggwe osaanye okutereera, okusooka. Okiraba? Okiraba? Bw'oba tolina kwagala kwa Katonda mu mutima gwo, nga temuliimu kintu mu ggwe kikulumiriza nti oli mukyamu, kati awo genda—awo genda okitereeze ne Katonda. Oluvannyuma ojja kugenda okitereeze ne muliraanwa wo.

61 Yesu yayigiriza ekintu ky'ekimu. Yagamba nti, "Bw'ojja ku wolutaali, naye ne wabaawo. . . n'ojjukira nti olina ensonga ku muliraanwa wo oba ow'oluganda, sooka, ogende gy'ali otereeze ensonga eyo naye."

62 Kati, kaakati mu mirembe egirina okujja. Twakiraba ku Lwokusatu akawungeezi, "okulabisibwa." N'era tuzzeemu ne tukiraba enkya ya leero, mu "kulabisibwa kw'abaana ba Katonda." Amakulu mu kyo, Katonda alindiridde. Naye kati mu kiseera eky'enkomerero ffenna lwe tuliyimirira mu maaso Ge. Bamalayika tebabulangako. Tebalimanya ngeri ya kunyumirwamu mikisa nga bwe tuginyumirwa, tebabulangako. Naye nze mmanyi bye nnavaamu, mmanyi olwazi kwe nnatemebwa, nnali mwonoonyi. Naawe omanyi gye watemebwa. Naye kati bwe twazuulibwa, kati tusobola okuyimirira mu maaso ga Katonda. Ha, olwo nga luliba lunaku lukulu!

63 Kale okutongozebwa, okuteekebwa mu bifo. Kati, Katonda kino ali mu kukikolako. Era kati kino singa nsobola okukibalaga, okuva awo tujja kusobola okutandika ku lunyiriri olw'o 5, njagala nkisome.

Bwe yatwawula edda okumufuukira abaana ku bwa Yesu Kristo, nga bwe yasiima olw'okwagala Kwe Ye,

64 Katonda kimusanyusa okukola by'Ayagala, okutongoza abaana, okubateeka mu bifo byabwe. Kati Akola ki? Ateeka Kkanisa Ye mu kifo kyayo. Ekisooka, Yayita ekkanisa

Ye, Abamesodisiti, Abapulesibeteriyani, Abaluzalaani, Ababaputisiti, n'abayita. Bwe yava awo Yakola ki? Yaweereza Omwoyo Omutukuvu n'abawa okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu.

65 Mmwe Abapentekoote kino njagala mukiggye mu mitima gyammwe. Pentekoote si kibiina kya ddiini; pentekoote bumanyirivu. Pentekoote Mwoyo Omutukuvu. Si kibiina kigunje. Omwoyo Omutukuvu tosobola kumukolamu kibiina kigunje. Ekyo Tasobola kukkiriziganya nakyo. Kati mulina ekibiina ekigunje kye mwawa erinnya eryo, naye Omwoyo Omutukuvu afuluma bufulumi n'abaleka nga mutudde awo we muli, ne yeeyongerayo. Mukiraba? Pentekoote si kibiina kigunje; pentekoote buba bumanyirivu.

66 Ekyo bwe kyaggwa Katonda abaana Be n'abawa Okuzaalibwa ogw'okubiri, okuyita mu kubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu. Baakusemberera bwe beerongoosa, okuyita mu ba Nazarene, ne mu ba Pilgrim Holiness. Bwe baamala ne bayingira mu bumanyirivu bwa pentekoote, oba okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu, okukomezebwawo kw'ebirabo. Ne beeyongera mu maaso ne boogera mu nnimi n'okuvvuunula ennimi, ne baweebwa ebirabo eby'okuwonya n'ebyamagero, n'obubonero n'ebyewuunyo nabyo ne bitandika okubagobereranga. Kaakano baana, baana ba Katonda. Baateekebwa mu bifo byabwe mu Kristo. Baafuuka baana okuyita mu Kuzaalibwa. Era Okuzaalibwa obuggya n'okukyusibwa nga Kwo byombi ye Mwoyo Omutukuvu.

67 N'okukyusibwa obeera tonnakyusibwa okutuusa nga ofunye Omwoyo Omutukuvu. Ekyawandiikibwa bwe kityo bwe kigamba. Yesu yagamba Peetero, ggwe buuza omuntu yenna, oba soma Ebyawandiikibwa byo, yaggyibwako omusango olw'okukkiriza Mukama waffe Yesu, n'afuuka omugoberezi, omutume. Yesu n'amuwa ebisumuluzo by'Obwakabaka. Era mu Yokaana 17:17, Yabatukuza, n'abawa obuyinza, n'abatuma ne bagenda, ne bagoba emizimu n'ebirala bye baakola, nga abatukuzizza. "Batukuze, Kitange, okuyita mu Mazima Go. Ekigambo Kyo ge Mazima. Nneetukuza ku lwabwe."

68 Ekyo ky'ekimu ku bigambo ebisingayo okuwulikika obulungi bye nnali mpulidde. "Kitange, Nneetukuza ku lwabwe." Mukimanyi nti Yali wa ddembe okuba n'amaka? Yali muntu. Mukimanyi nti Yali wa ddembe okuba n'omukyala? Yali Musajja. Yali wa ddembe okuba n'ebintu bino byonna, naye Yagamba nti, "Kitange, Nneetukuza ku lwabwe. Nneetukuza."

69 Eggulo nnayogeddeko n'omubuulizi omu omuto, mu biro bitono nja kuba mbuulira ewuwe engulu wano ku luguudo olunene. Waliwo ekintu kye nnamubuuzizza, n'aŋŋamba nti, "Weewaawo, Ow'oluganda Branham, naye abasinga obungi ku bantu bange ekyo tebakikkiririzaamu."

Ne mmubuuza nti, “Abasinga ku bo bakwata mateeka?”

70 “Weewaawo.” Ow’oluganda ye ekyo takikkiriza. “Naye,” yagambye nti, “ku lwabwe!” O, nnayagadde okumugwa mu kifuba. “Ku lwabwe, olaba, nneetukuza ku lwabwe.”

71 O, Yesu yali atendeka abasajja ekkumi n’ababiri, nti okuyita mu basajja abo Enjiri yali ya kutwalibwa mu nsi yonna. Bw’atyo n’Agamba nti, “Ku lwabwe Nneetukuza.” Weetukuze ku lwa muliraanwa wo, ku lw’omuntu omulala. “Tokozesa ddembe lyo lwa byanfuna” Pawulo bwe yagamba nti, “wabula weetukuze!” Weeyise bulungi ku muliraano, nga Omukristaayo owa nnamaddala bw’asaanye okweyisa. Emboozi yo leka ebeere, bw’osisinkana omulabe wo, weetukuze ku lulwe, kuba tomanyi kiki ky’oyinza kukola.

72 Kaakati okuteeka omwana mu kifo kye. Ekisooka omwana bwe yazaalibwanga, yabeeranga mwana, naye tukiraba nti enneeyisa ye ye yasinziirwangako okumusobozesa okutongozebwa nga omwana, oba yeeyisanga bulungi oba bubi.

73 Era a—abapentekoote . . . Kati leka nsooke mbalage nti Pentekoote si kibiina kya ddiini. Ababaputisiti bameka abali wano nga mwali Babaputisiti, ne mufuna Omwoyo Omutuuvu, leka tulabe emikono gyammwe. Mukiraba? Abamesodisiti bameka abali wano abaafuna Omwoyo Omutukuvu, muyimuse emikono gyammwe. Aba Nazarene bameka abali wano abaafuna Omwoyo Omutukuvu? Muyimuse emikono gyammwe. Abapulesibeteriyani, abaafuna Omwoyo Omutukuvu. Mulaba? Abaluzalaani. Ab’eddiini endala, abataali Bapentekoote yadde, abaalina eddiini zammwe, naye ne mufuna Omwoyo Omutukuvu, leka tulabe emikono gyammwe. Mulaba? N’olwekyo Pentekoote si kibiina kya ddiini, wabula bumanyirivu.

74 Kati, Katonda yakuyingiza mu Mubiri gwa Kristo (Kaakati Azzaako ki?) nga omaze okwekakasa, nga weetukuzza n’enneeyisa ennungi, nga ogondera Omwoyo Omutukuvu, ka kibe kiki kyonna ensi ky’egamba.

75 Kino—kino kyo ŋŋenda kukikkaatiriza, olaba, kubanga . . . Ssigenderera kuba mukambwe. Ni—ni . . . bambi te—te—temukitwala bwe mutyo, olaba. Temundaba nga wa—wa mutima mubi. Sa—ssaagala kuba wa mutima mubi. Ekisinga okummalamu amaanyi, kwe kukwata Amazima gano agava eri Katonda ne ngabuulira abantu, naye ne bagakuba amabega ne bagenda mu maaso nga bakola ekintu ky’ekimu, ate ne bagamba mbu balina Omwoyo Omutukuvu. Ekyo owulira nga kibula kkukutula, olaba. Buzibu ki? Bakuba enkyukira ne baddayo ku kintu ky’ekimu, nga abaana ba Isiraeri bwe baakola, baayagala babeere ne kabaka kibeere nti kabaka ono asobole okubafuga bafaanane nga Abaamoli n’Abamaleki n’Abafirisuuti.

76 Mmwe abakyala, mukimanyi, nti kikyamu okwambala empale nga abasajja? Ekyo mukimanyi? Mukimanyi nti

kikyamu okusalako emivumbo gy'enviiri zammwe? Ggwe ssebo, okimanyi nti kikyamu, okunywa sigala n'okweyisa nga bwe weeyisa? Okimanyi nti kikyamu ggwe obutabeera mwami w'amaka go, mukyala wo olwekandaggamu katono n'akugobera ebweru n'owoza kimu mbu, "Kale, beera bulungi, mukwano, nnaakomawo edda"? Okimanyi nti o . . . Oyinza otya okufuga mu Nnyumba ya Katonda nga n'amaka go gennyini tosobola kugafuga? Ky'ekyo kyennyini. Ggwe mwannyinaffe, okimanyi, nti omwami wo si mwami wo kyokka, naye era mufuzi wo? Katonda bwe yagamba. Kubanga omwami si ye yalimbibwa, wabula omukazi ye yalimbibwa. Naye mmwe ababuulizi era ne mugenda mu maaso ne mutongoza abakazi mu makanisa gammwe okubeera abasumba abakazi n'okubeera ababuulizi, nga ate mukimanyi nti Ekigambo kya Katonda tekikikkiriza.

77 Era mujja kugenda mu maaso n'okukozesa erinnya eryo erya "Kitaffe, Mwana ne Mwoyo Mutukuvu" okubatiza, nga tewali Kyawandiikibwa yadde ekimu kiti mu Bayibuli ekikiwagira. Njagala ssaabalabirizi oba omuntu omulala yenna andage omuntu yenna mu Bayibuli we yali abatiziddwa mu linnya lya "Kitaffe, Omwana, Omwoyo Omutukuvu." Njagala wabeewo omuntu andagayo omuntu yenna eyali abatiziddwa mu ngeri endala yonna nga oggyeeko mu Linnya lya Yesu. Naye Yokaana teyali . . . yabatizanga, baabatizibwanga bakkiriza nti Yali ajja, wabula baali tebamanyi y'Ani. Naye kasita baakitegeera, baalina okujja baddemu babatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo. Njagala omuntu oku . . . Mbu—mbuuzizza aba Assemblies of God, n'ababuulizi abalala, n'Ababaputisiti, n'Abapulesibeteriyani, n'abalala bonna. Bonna ba—bagaanye okukyogerako. Njagala kulaba Kyawandiikibwa.

78 Ate bwe bava awo ne bampita "omuzoole," huh, ne bampita "omutabufu w'omutwe," atakyategeera, ne bampita "omulalu," olw'okugezaako okubabuulira Amazima? Kati, obwo—obwo bwesimbu, ab'oluganda. Omuntu bwe yeewaayo eri Katonda, yeeweerayo ddala, yenna, obuteerekera. We—we—we—wee—weeyawula, obeera—ofuuka kitonde kyawufu ku birala.

79 Bangi abayitibwa, naye abalondemu batono. Kituufu, abantu bangi bayitibwa, ofuna okuyitibwa mu mutima gwo n'ogamba nti, "Ddala, nzikiriza Katonda anjagala. Nzikiriza anjagala."

80 Naye, ow'oluganda, mu ekyo, ojja kubulira ddala nga n'abalala bonna, kubanga balijja ku lunaku luli, nga bagamba nti, "Mukama wange, nnagoba emizimu mu Linnya Lyo. Buli kimu kyonna nnakikola mu Linnya Lyo. Nnakuba enkuŋŋaana z'okusabira abalwadde. Nnabuulira Enjiri. Nnagoba emizimu."

81 Naye Yesu alimugamba nti, "Vva wano, Ssikumanyanganako, munnanfuusi ggwe. Gwe mmanyi y'oyo yekka akola Kitange by'ayagala!" Lwaki abantu tebakiraba?

Kati ekyo mmanyi kiruma. Naye si—sikyogera kubaako gwe nnumya, ssigenderera kukola ekyo. Naye, ow'oluganda, nze—nze . . .

82 Nze ndaba nga a—abali mu kiseera eky'enkomerero, era Katonda ali mu kutongoza, na kubateeka mu Kkanisa mu bifo byabwe, mu Mubiri gwa Kristo, abo ababe Ye. Kati, tebagenda kuba bangi nnyo b'Anaateekamu, ekyo nkibagambirawo. Muyinza okugamba nti, "Ha, banaaye, wajja kubaawo omuwendo gw'abantu omuyitirivu!" Naye, era, Abadde n'emyaka kakaaga mw'alina okubajja. Mujjukire nti, okuzuukira kubaawo era ne tusitulibwa wamu nabo. Batono ddala ba lubatu, mukiraba. Ggwe ky'oba okola weekebejje obulokozi bwo, mangu ddala. Weekebere olabe obuzibu we buli. Olaba? Kebera—kebera olabe omutawaana we guli. Ekyo—ekyo mmanyi kikalubo, naye, ow'oluganda, ge Mazima. Ge Mazima ga Katonda. Okutongozebwa!

83 Tulina okubeera ennyo ku muliro ku lwa Katonda, tulina okuba nga tweyongera mu maaso emisana n'ekiro. Tewalina kubaawo kintu kyonna kituziyiza, ate tulina okuba abantu abalungi ennyo era abeegonjebwa ennyo, era ab'ekisa ennyo nga tweyisiza ddala nga Kristo mu bulamu bwaffe. Bulina kuba bulamu bwe tutambuliramu buli lunaku. Yesu yagamba nti, "Mutunuulire eddanga ery'omu ttale, bwe limera, nga lifuba n'okweranga; naye Mbagamba nti ne Sulemaani mu kitiibwa kye kyonna teyayambalako kunyuma nga ddanga eryo." Sulemaani yalina ebyambalo bye baali baatonaatona ne siriki ne babiwunda n'empiso wamu n'ebintu ebirala, naye ebyo—ebyo tebya . . . ebyo si bye Yali ayogerako. Eddanga okusobola okumera, lirina okufuba emisana n'ekiro. Kiki ekikwagaza okukomawo wano ku nkomerero y'olugendo? Bwe kiba nga kizibu omutuukirivu okulokoka, olwo omwonoonyi, nga y'oyo atali mukkiriza, n'atatya Katonda, omuntu awulira Ekigambo, n'agaana okukitambuliramu . . . ? Kati kiki kye tugenda okukola? Mukiraba? Kati ekyo . . .

84 Kino, kati, eno kkanisa yaffe. Ndowooza tulinawo abagenyi nga bana oba bataano mu makkati gaffe. Naye nga eno y'ekkanisa, ndi mu kubayigiriza. Bino bikwatibwa ku ntambi. Njagala abantu abawuliriza entambi, mujjukire, nti bino bigenda eri kkanisa yange. Bwe mbeera mu bantu ab'ebweru eri, mba nnina okugezaako okubeera omukkakkamu ekimala okusobola okubibabuulira ebyo, okugezaako okutambula awamu nabo okubawembejjera mu ndowooza zaabwe ez'ekito. Naye bwe kituuka ku kusimbira ddala Amazima, leka tugasimbe.

85 Okutongozebwa, okuteekebwa mu bifo byabwe! Bali wa? Mubandage. Katonda nga ayita abaana Be abazza ku bbali olw'okulabisibwa. Nga tebeetaaga kwogera kigambo na kimu, olaba bulabi nga ekintu kibaawo. Okuteeka omwana mu kifo

kye mw'alina okuba, okumuyingiza mu nkola y'ebintu nga bwe bitambula akole ebintu bye bimu byennyini. Nga a—alina obuyinza bwe bumu, nga ekigambo kye kiringa ekya Malayika omukulu, nga kikisingako n'okukisingako. Omwana bwe yabanga atongozebwa, yalinnyisibwanga awantu awagulumivu, n'ateekebwa awo, n'akyusibwa embyalo bye, n'akyusibwa endabika ye. Kitaawe yakolanga omukolo, n'agamba nti, "Ono ye mwana wange, okuva olwa leero afuuse gavana. Kati ye mufuzi. Y'avunaanyizibwa ku by'obugagga byange. Byonna ebyange bibye." Ekyo kituufu. Okuva ku ekyo tusobola okuddayo ku kintu ky'ekimu ekya, Elah, Elah, Elohim, mulaba, we Yali abeerawo yekka ku bubwe. Oluvannyuma n'adda n'afuuka Yakuwa Oyo eyabaako ne kye yakola, n'Awa omuntu obuyinza okufuga ensi. Tulinze ki? Kulabisibwa. Ensi eri mu kusinda. Leka tukkirire wansi tukisome. Kale.

> *. . . yatwawula edda . . . okumufuukira abaana . . . ku bubwe ye, nga bwe yasiima olw'okwagala Kwe*
>
> *Eki- . . . ekitiibwa ky'ekisa kye kiryoke kitenderezebwenga, . . .*

86 Ekisa Kye kiki? Emabega ddala eri, bwe Yali tannafuuka Kitaffe; ekisa Kye, okwagala Kwe, kwamuleetera Ye okufuuka omwana, tulyoke twawulibwe okutuuka ku kutongozebwa nga abaana, olw'ekitiibwa ky'ekisa Kye. Mukiraba?

> *. . . kye yatuwa obuwa mu oyo—oyo* (Omuntu) *omwagalwa,* nga ye Kristo.

87 Yatufuula atya abakkirizibwa? Okuyita mu Ye. Tumuyingiramu tutya? Ku bw'Omwoyo Omu, fenna tubatizibwa okuyingira mu Ye. Muwulirize.

> *Eyatuweesa okununulibwa kwaffe, yatuweesa okununulibwa* (e) *olw'omusaayi gwe, okusonyiyibwa* e-b-y-o-n-o-o-n-o . . .

88 Oyinza otya okubuulira okwawulibwa edda, okw'okulonda kwa Katonda n'enteekateeka ye, okuggyako nga waliwo awantu awali ekitangirira ekibi? Ku lwaki? Buli lunaku obaako ensobi gy'okola, buli lunaku obaako ekikyamu ky'okola. Naye bw'obeera musajja oba omukazi, eyazaalibwa ogw'okubiri, oluba okukola ensobi eyo, Katonda aba amanyi nti tokigenderedde. Oyinza n'okugenda n'oyimirira mu maaso ga—ga Pulezidenti Roosevelt oba omuntu omulala yenna, n'ogamba nti, "Nsobezza, ayi Katonda nsaba onsonyiwe olw'ekintu kino." Lwaki? Kati awo okutangirirwa kw'Omusaayi we . . .

89 Mukiraba nti kiri "e-b-y-o-n-o-o-n-o." Omwonoonyi aba mwonoonyi, takola bukoze byonoono. Wabula ekkanisa y'ekola ebyonoono, y'esobya, y'efuna ekirowoozo ekikyamu, y'efuna ekifaananyi ekikyamu, n'ekola ebitasaana, n'eyuugayuuga nga omwana omuto eyetengerera, agezaako okuyiga okutambula. Abeera tannayiga bulungi kutambula, kubanga akyali muto.

Naye tulina Omukono ogukka wansi ne bwe. . .ne gutuggyawo ne gutunyweza, ne gutugamba nti, "Senvula *bw'oti* ekigere, mutabani." Tatusitula n'atuggya wansi n'atukuba mpi kubanga tusobezza, Tatuwuttula kubula kututta olw'okuba tugezaako okutambula. Atwagala nga naffe bwe twagala abaana baffe.

90 Taata yennyini, ddala takuba mwana we agezaako okutambula, ssinga agwa wansi ku ttaka. Akutama bukutami wansi n'amusitulawo n'omukono gwe omunene ogw'amaanyi, n'akwata emikono gye gyombi, n'amugamba nti, "Olina kukola bw'oti, mutabani. Tambula *bw'oti*."

91 Ne Katonda bw'atyo Ekkanisa Ye bw'agiyisa! Akutama wansi n'agikwata n'omukono Gwe, n'agisitula n'agigamba nti, "Tambula *bw'oti,* mutabani. Kino, to—to—tokyogera bw'otyo, kyogere *Bw'oti.* Kati, Ssifaayo ku kkanisa ky'egamba, *kino* kye kitegeeza, oba *kiri* kye kitegeeza, kyogere *Bw'oti. Bw'oti,* Kino kye kituufu! Ekigambo Kyange bwe kiba kikibuulira, nywerera ku Ekyo, tambula n'Ekyo. Nywerera ku Ekyo. Tofaayo ku balala kye boogera, ggwe nywerera ku Ekyo. Tambula *Bw'oti.* Ebigere ebyo obisenvula bw'oti."

92 Ebibi byaffe; waliwo okutangirirwa okw'okwagala okwawebwayo ku lw'ebibi byaffe, singa si ekyo tetwandibadde na kakisa konna. Ebyo nga Bigambo bye tusobola okwesiga!

. . .ng'obugagga obw'ekisa kye bwe buli;

Kye ya—yasukkiriza. . .

93 "Okusukkiriza" kye kiki? Ha, bannange! Kye *yasukkiriza,* "entuumu n'entuumu zaakyo."

. . .kye yasukkiriza gye tuli mu magezi gonna n'okutegeera kwonna.

94 "Okutegeera, Yasukkiriza gye tuli mu magezi gonna." Ne "amagezi," gonna, si ag'ensi. Amagezi ag'ensi busirusiru gy'Ali, ate n'amagezi ga Katonda busirusiru eri ensi. Nga bw'olaba emisana n'ekiro, ekimu ku byo tekisobola kukkiriziganya na kirala. Naye enjuba olutandika okuvaayo eti obudde ne bukya, nga ekiro kibuna emiwabo. Bwe gutyo n'Omusana gw'Enjiri bwe gutandika okuyingira, nga ebintu byonna eby'ensi bitandika okusaanawo. Era ekyo kikola ki? Asukkiriza Omusana eri abaana Be, abatambulira mu Mwoyo, abakulemberwa Omwoyo wa Katonda, ne basukkirira mu kisa Kye, n'okutegeera kwonna n'amagezi, okumanya, n'okubangulwa ne bamanya bwe balina okutambula. Bw'olaba nti ekintu kikyamu, weegendereze ky'okola, n'engeri gy'o. . .Bwe kiba kikyamu, weegendereze n'engeri yennyini gy'okikwatamu. Okutegeera! Kakasa, oggweremu ddala akakunkuna konna nti omanyi engeri y'okukikwatamu. Mubanga n'amagezi nga omusota, naye nga temuliimu bukuusa nga amayuba. Ekyo Yesu kye yagamba.

95 Ha, zino nsonga nkulu nnyo ez'omuwendo, ab'emikwano! Tusobola okweyongerayo nga tukyazoogerako okumala ennaku nnyingi. Si mpitirivu obulungi? Okutegeera, amagezi, Yabisukkiriza gye tuli, yabitufukumulira! Teyatuweera ku kajiiko, wabula yakwata ekitiiyo ekinene n'abeera nga asena bw'atukasukira bw'atyo. Yasukkiriza gye tuli, amagezi wamu n'okutegeera eby'ekisa Kye! O, ekisa ekyewuunyisa, nga ddoboozi ddungi nnyo!

Kaakati, *ky*'asukkirizza *gye tuli mu magezi gonna . . . n'okutegeera;*

Bwe yatutegeeza ekyama ky'okwagala kwe, . . .

96 Ayogera eri ani? Eri bibiina bya madiini? Bambi, baganda bange, temulowooza nti ntyoboola madiini gammwe, si kye nkola. Ngezaako kubabuulira nti n'okusooka kwa byonna kyali kintu kikyamu. Yesu yatugamba nti, "Mugende mubuulire Enjiri," ffe twagenda kutandikawo bibiina bya madiini. Eyo y'ensonga lwaki tetukirina Ekyo, tugoberera magezi ga muntu. Ssinga Calvin azuukira!

97 Mulabe, jjuuzi nnayimirirako ku mabbali g'amalaalo g'omusajja eyali ow'ekitalo, omuddaabuluzi ow'ekitalo. Muli ne ndowooza nti, "Nga yali musajja wa kitalo!" Ddala yali wa kitalo! Kati, ki . . . Sigenda ku . . . yali John Wesley. Naye ne ndowoozaamu ne ŋŋamba nti, "Ssinga John Wesley azuukira okuva mu malaalo gano olwa leero n'alaba embeera ekkanisa ye gy'erimu, n'erinnya lye lyandimukwasizza ensonyi!" John Wesley yali musajja atya Katonda, eryanda ly'omuliro eryaggyibwa mu kyoto, nga bwe yakyogeranga. John Wesley yali musajja mutukuvu eyali akkiririza mu Katonda, era eyamugobereranga mu buli kimu. Naye John olwafa ne bagamba nti, "Tugenda kutandikawo ekkanisa kwe tujjuukirira John naffe tubeere n'ekkanisa eyaffe, era tugenda kugiyita kkanisa y'Abamesodisti nga tusinziira ku nkola ye ey'okutukuzibwa okuba nti gwe mulimu ogw'okubiri ogw'ekisa."

98 Bwe batyo ne bakola ekkanisa, naye olwa leero abantu b'ekkanisa eyo basambajja buli kimu kyonna John Wesley kye yakkiririzangamu. John Wesley yabuulira okuwonya okuva eri Katonda. John Wesley yali akkiririza mu kubatizibwa kw'Omwoyo. John Wesley yali akkiririza mu kuzzibwawo mu bujjuvu okw'ebirabo. John Wesley, Martin Luther, n'abalala bangi ku basajja abo ab'amaanyi baayogeranga ennimi n'okuzivvuunula ne bazivvuunula. Naye, leero, bwe kakutanda n'oyogera ennimi mu kkanisa y'Abamesodisiti oba ey'Abaluzalaani, bakukasukirawo ebweru. Mutawaana ki? Mu kaseera kennyini mwe tulina okuteekera abaana mu bifo byabwe mwe balina okuba, mutawaana ki? Balina kintu kirala kye batongozza, kubanga tebamanyi kyama kya Katonda. Ate tebalikimanya kuyita mu ttendekero lya bya ddiini!

99 Muleke mbeeko ne kye mbasomera. Nsobola okukisoma? Kale. Leka tubikkule, nnina wano kye nnawandiise. Leka tulabe engeri Pawulo . . . Kaakati, wano, wuuno omuyigiriza w'Obubaka buno. Leka tubikkule mu Bikolwa by'Abatume 9:5, katono nnyo. Muwulirize engeri Pawulo gye yafunamu Okubikkulirwa kuno, oba kyonna ekyabaawo. Kati, mu Bikolwa by'Abatume 9 tutandika okusoma, bwe tuti. Kuno kwe kuyigiriza okukulu okwa Ssande, kale kiki—kiki ekitulobera okukisoma? Muntegeeza bwe mba mpisizza . . . ? . . .

> *Naye Sawulo bwe yali akyayogera ebigambo eby'okukanga* . . . (Ha, naye Akayudaaya ako ak'ennyindo eyeeweta nga eddobo, ak'obusungu obw'ettumbiizi, ak'omutima omubi!) . . . okutta *abayigirizwa ba Mukama waffe, n'agenda eri kabona asinga obukulu,*
>
> *n'amusaba ebbaluwa ez'okugenda e Ddamasiko, eri* ekkuŋŋaaniro, *bw'alirabayo* . . .

100 "ŋŋenda kugenda mbanoonye! Ne mmala mbagwako, nkubuulira, kye nnaabakola!" Mukiraba? "Ne mmala mbagwako!" Naye yali yayawulibwa!

101 Omanyi ki oba omuyiisa w'omwenge oli emmanga wano teyayawulibwa kufuna Bulamu? Omanyi ki oba omukazi oyo eyeetunda ku kkubo gw'otayagala na kwogera naye, omanyi ki oba okumubuuzaako obubuuza n'omwaniriza okujja ku kkanisa oba nga ekyo tekiimuviireko okufuuka omutukuvu wa Katonda, emitala eri mu Kitiibwa? Bwe . . . Omanyi ki oba si ky'ali? Ekyo kye tutamanyi. Naye obwo buvunaanyizibwa bwaffe. Nga omuvubi eyakasuka akatimba mu nnyanja n'akasikayo, yakwatiramu ebikere, ebyennyanja, eminya, nnabbubi w'oku mazzi, na buli kimu, naye ebimu ku byo byali byannyanja. Naye yali tamanyi, yakasukayo bukasusi katimba. Naffe kye tukola. Mwetegereze Pawulo.

> . . . nga asaba *ebbaluwa ez'okugenda e Ddamasiko, eri amakuŋŋaaniro, bw'alirabayo abantu ab'ekkubo* eryo*, oba nga basajja oba bakazi,* abasibe *abaleete e Yerusaalemi.* (Ow'oluganda, omusajja ddala yali muzibu!)
>
> *Awo bwe yali ng'atambula, ng'anaatera okutuuka e Ddamasiko, amangu ago omusana oguva mu Ggulu ne gumwakira okumwetooloola* . . .

102 "Ne wajja ffaaza okuva eky'engulu, Dokita F. F. Jones, n'amugamba nti, 'Kati weetaaga o—okuyitako mu sseminaaliyo, mutabani, era nzikiriza Katonda asobola okukukozesa.'" Ekyawandiikibwa ekifaananako bwe kityo kyandibadde tekitiisa, okukisoma bw'otyo? Kati, ago ge makulu . . . ekyo sikyogera kubasesa. Ekyo, tu, ago ge makulu ge tukifunamu leero. "Munnaaye nno, maama wo yali mukazi mulungi,

nzikiriza osobola okuvaamu omubuulizi omulungi." Mulabeeyo ekyabaawo.

> *Awo bwe—bwe yali ng'atambula, ng'anaatera okutuuka e Ddamasiko, amangu ago omusana ne gumwakira okumwetooloola, omusana . . .* (Whew, kitandika kisukkulumye amaanyi ag'obuntu!) . . . *omusana oguva mu ggulu:*
>
> *N'agwa wansi, n'awulira eddoboozi nga limugamba nti . . . Sawulo, Sawulo, onjigganyizaaki?*
>
> *N'agamba nti, Ani ggwe, Mukama wange? Ye* n'amugamba *nti Nze Yesu, gw'oyigganya ggwe:* naye *kizibu okusamba ku miwunda.*
>
> N'akankana *n'awuniikirira n'agamba nti, Mukama wange, kiki ky'oyagala . . . nkole? Mukama n'amugamba nti Golokoka oyingire mu kibuga onoobuulirwa ebikugwanidde okukola.*

103 Abasajja ne bagenda naye, ne beeyongerayo, ne basisinkana omusajja. Ananiya, emmanga eyo, eyalaba okwolesebwa. Byonna bisukkulumye obw'obuntu! Awo ka Sawulo, akasajja ako ak'omutima omubi! Ananiya ono yalaba okwolesebwa, n'alaba mu nnyumba ye. Yali nnabbi, nga ali mu nnyumba ye asaba, n'alaba okwolesebwa. Ya . . . Mukama yayogera naye n'amugamba nti, "Waliwo omusajja ajja aserengeta mu kkubo emitala eri, muzibe nga akawundo, era erinnya lye ye Sawulo, ye Sawulo ow'e Taluso."

104 N'agamba nti, "Mukama, mmuwuliddeko ebintu eby'entiisa. Tontuma, ssirina kyendi. Tontuma kugenda gy'ali."

105 Ye n'agamba nti, "Naye, laba, bwe yabadde ajja, nnamulaze okwolesebwa. Nnamulabikidde mu Mpagi y'Omuliro. Nnamuzibye amaaso n'aba nga takyalina n'ekimu kyonna ky'alaba. Era Nnabadde nnina okusooka ne mmuziba amaaso n'okumuyuzaayuza okusobola okubaako ne kye mmukolamu. Okiraba, Nnabadde nnina okumukamulamu eby'eddiini byonna bye yasomerera. Omanyi, yali—yali—yali muntu w'amaanyi nnyo mu emu ku kkanisa eziri engulu eri. Yalina ddiguli eza buli kika, yali teyeetaaga kubaako kirala kyonna ky'akugukamu, naye," n'Agamba nti, "kye Nnalina okukola kwali kubimuggyamu byonna."

106 Awo we waali ensonga. Ensonga teyali ya kumwongeramu birala, wabula yali ya kubimuggyamu bujja. Ndowooza obwo bwe buzibu bwe tulina mu bangi ku babuulizi baffe ensangi zino; mubeeko ne bye mweggyamu, Katonda afune w'asobola okubateekemu Omwoyo Omutukuvu. Mweggyeemu! Awo, n'agamba nti . . .

107 N'agamba nti, "Mukama, naye o—o—omusajja ono musajja mubi."

108 Ye n'amugamba nti, "Naye, laba, kaakano asaba. Kaakati, ojja kubaako oluguudo mw'oserengetera, otuuke awali ensulo. Ensulo eyo ogiyiteko okyame nga odda ku kkono, oserengete. Wajja kubaawo ennyumba eya langi enjeru, ogende okonkone ku luggi. Ali awo agalamidde omwo mu kizimbe, awo we baasobodde okumutuusa. Musseeko emikono, omuserengese emmanga ku mugga gw'e Ddamasiko omubatize mu Linnya lya Yesu. Kubanga, nkubuulira kye ŋŋenda okukola, agenda kubonyaabonyezebwa bingi ku Lwange, kubanga ye mubaka Wange eri Ab'amawanga." Amiina!

109 "Naye, kati, lindako katono, Mukama! Kaakati, ttendekero ki mwe mba mmusindika?" Ka mbabuulire kye tuba tukola, leka tusome Abaggalatiya tulabe. Essuula yennyini gy'o—gy'ovaako. Leka tubikkule mu Abaggalatiya 1, tutandikire ku lunyiriri olw'e 10, tulabe ettendekero Pawulo lye yagendamu, sseminaaliyo ki mwe yagenda, n'ani eyamussaako emikono, era, ha, biki ebyaddirira. Abaggalatiya essuula 1. Okulokola obudde, leka tutandikire ku bikwata ku kukyusibwa kwe, olunyiriri olw'e 10.

> *Kubanga kaakano mpembera bantu, nantiki Katonda? Nantiki nsala magezi okusiimibwa abantu? Singa* nnoonya kusiimibwa *bantu, ssandibadde muddu wa Kristo.*

110 Ha, bannange, bannange, bannange! Munzikirize nsooke mbeeko ne kye njogera wano. Abaggalatiya 1, mugende ku ssuula ey'o 8. Bameka abakimanyi nti Pawulo ye yaddisaamu abantu abo okubatizibwa mu Linnya lya Yesu, Ebikolwa by'abatume 19? Ddala ye yakikola. Leka tutandikireko katono waggulu wano, ku lw' 8—olunyiriri olw'o 8.

> *. . .naye oba ffe oba malayika ava mu Ggulu bw'abuuliranga Enjiri wabula nga bwe twababuulira, akolimirwenga.*

111 Naye Enjiri wagiggya wa, Pawulo? Olunyiriri olw'o 9.

> *. . .nga bwe twasooka okwogera, bwe ntyo bwe njogera kaakano nate nti omuntu bw'ababuuliranga enjiri wabula nga bwe mwaweebwa, akolimirwenga.*

112 K'abeere malayika omukulu, k'abeere mulabirizi, k'abeere mulabirizi ow'oku ntikko, k'abeere Dokita *Gundi,* k'abeere ani, bw'atabuliira kubatizibwa mu mazzi mu Linnya lya Yesu Kristo, na kubatizibwa kwa Mwoyo Mutukuvu, n'atabuulira kuzzibwawo kwa birabo, na Kujja kwa Kristo, na bintu bino byonna, leka akolimirwe! Bw'agezaako okutoola ku Kigambo kino wano n'agamba nti kyali kya biro birala n'ateekawo endowooza empya ezitalina makulu ze twayiga okuva mu ttendekero erimu ery'eby'eddiini, leka akolimirwe!

113 Leka tweyongere okusoma, mulabe Pawulo bwe yakifuna, mulabe engeri, kye ngezaako okubagamba enkya ya leero.

Kubanga kaakano mpembera bantu, nantiki Katonda? Nantiki nsala magezi okusiimibwa bantu? Singa nnali nga nkyasiimibwa abantu, ssandibadde muddu wa Kristo.

114 Nyinza ntya okusuubira ekintu kyonna, omunta ayagala Katonda, ate naddala, omubuulizi, ayinza atya okusuubira okukola ekintu ekirala kyonna okuggyako okukyayibwa abantu? Abantu bajja kukukyawa. Kati, baagamba mbu. . . Yesu yagamba nti, "Bwe babeera Nze bampise, Nnanyini nju. . . Nze Muyigiriza mu mmwe, asinga obukulu mu mwenna. Ye Nze asobola okukola ebyamagero ebisingayo obungi era ne nkola bingi ku bw'Omwoyo Omutukuvu okubasinga, kubanga Nnina obujjuvu bwonna mu Nze. Kati Nze bwe babeera bampise 'Beruzebuli,' olwo ate mmwe balibayita ki? Naye," n'Agamba nti "temweraliikiriranga kye munaayogera, kubanga ssi mmwe muliba mwogera, aliba Kitammwe oyo atuula mu mmwe, y'aliba ayogera mu kiseera ekyo. Mmwe munywerere bunywerezi ku Kigambo." Era Ye, bwe Yamaliriza okuwandiika Ekitabo, n'Agamba nti, "Omuntu yenna alitoolako Ekigambo yadde ekimu okuva mu Kitabo kino oba aligattako ekigambo ku Kyo, naye aliggyibwa mu Kitabo ky'Obulamu, nga ye." Katonda atuyambe Ekyo okukinywererako!

115 Kati olunyiriri oluddako, kati leka nsome, leka nsome nga nnyanguwako.

Kubanga mbategeeza nti. . .(Okwo, kwe kubatwala okusalirwa Omusango.) *Mbategeeza ab'oluganda nti enjiri eyabuulirwa nze si ya bantu.*

"Kati siri Mumesodisiti, siri Mubaputisiti, siri Mupulesibeteriyani, ate era siri Mupentekoote; teyampeebwa muntu. Ate era. . . "

Kubanga nange ssaagiweebwa muntu so siyigirizibwanga, . . .

116 "Ssaagifuna kuva eri muntu yenna, newankubadde okuva mu sseminaaliyo, oba okuva eri dokita yenna, oba okuyita mu kuyigiriza kw'eddiini, oba ettendekero lyonna. Ssaagifuna mu ngeri eyo, ssaagiyigirizibwa mu ngeri eyo, ssaagizuula mu ngeri eyo, teyanzijira mu ngeri eyo." Kati olwo yajja etya, Pawulo?

. . . yanjigirizibwa, kuyita mu kubikkulirwa kwa Yesu Kristo.

117 "Kristo bwe Yanneebikkulira, nti Ye Mwana wa Katonda, Empagi eri ey'Omuliro bwe yantomera ku lunaku olwo, ne mbuuza nti, 'Ye Ggwe ani, Mukama wange?' n'Addamu nti, 'Nze Yesu.'"

118 Kati, ŋŋenda kubalaga ekya—ekyamutuukako. Kati, essaawa eno omuntu singa abaako obumanyirivu bw'afuna, bajja kwagala bamuweeyo emyaka kkumi ayige Oluyonaani, n'emyaka

emirala kkumi ayigeyo ekintu ekirala, ekiseera ekyo we kiggweerako nga awedde okuwugulwa. Mulabeeyo.

. . . kubanga nange ssaagiweebwa muntu, so siyigirizibwanga wabula mu kubikkulirwa kwa Yesu Kristo.

Kubanga mwawulira bwe nnabanga edda mu mpisa z'Ekiyudaaya, . . .

119 "Nnali dokita eyakuguka mu by'eddiini, nze gwe mulaba. Nnali mukugu." Yali yayigirizibwa Gamalyeri, omuyigiriza eyali asingayo gwe baali balina mu ggwanga. Bameka abakimanyi nti Gamalyeri yali omu ku bayigiriza ab'amaanyi, abayigiriza abasingayo? Yee, ssebo. "Eddiini yange ey'Ekiyudaaya, mbabuulira, nnali nnagikwata bukusu; nga mmanyi bulungi okwatula Enzikiriza y'Abatume n'ebintu ebirala ebyo byonna, olaba. Nnali mmanyi bulungi okusaba essaala zonna ez'oku makya n'okusabira abantu emikisa." Mulaba?

. . . nga nnayigganyanga ekkanisa ya Katonda awatali kigera ne nginyaga:

"Nga nnagezaako nga bwe nsobola okukomya ekibinja ekyo eky'abatukuvu abeevulunga!" Olaba? Mulaba?

Ne mpitirizanga mu mpisa z'Ekiyudaaya . . .

120 "Nnali musajja wa kitalo. Mbabuulira, ddala na. . . Nnayitirizanga, nnabalaga nti nsobola okubabetenta, kubanga nnatta ne ba Suteefano nnakola n'ebintu ebirala bingi nnyo. Mulaba bye nnakola!" Ddala nga yabayigganya awataali kigera!

Ne mpitirizanga mu mpisa z'Ekiyudaaya okusinga bangi bwe twakula mu ggwanga lyaffe, nga mbakiranga okubeeranga n'obuggya obungi ennyo mu mpisa ze nnaweebwa bajjajjange.

121 Kati, mujjukire nti, tagambye Kigambo kya Katonda, "empisa za bajjajjaabe," amakulu nti, empisa z'ekkanisa. "Ndowooza nnali Mumesodisiti omukuukutivu, nnali Mubaputisiti omukuukutivu, nnali Mupentekoote omukuukutivu." O, ggwe ekyo ky'oli? Nze njagala kubeera mukuukutivu mu Katonda. Ddala, ky'ekyo. Mulaba? Kale.

. . . empisa za bajjajjange.

Naye Katonda bwe yasiima, . . . (ha, ha, Pawulo, wano nkulaba ojjirira) *. . . eyanjawula okuva mu lubuto lwa mmange,* eyandeeta ne mu nsi muno, *n'ampita olw'ekisa kye,*

okubikkulira Omwana We mu nze, . . .

122 Kyabaawo kitya ekyo? "Omwoyo Omutukuvu mu nze! Katonda yasiima okuntwala, oyo eyanjawula okuva mu lubuto lwa mmange, n'ampa Omwana, nga ye Mwoyo Omutukuvu mu nkula ey'Omwoyo, mu nze, Ye okusobola okwebikkulira

mu nze." Ha, bannange! Hwyu! Nzi—nzi—nzikiriza njagala kuleekaanamukko.

123 Labayo, leka nkubuulire, ow'oluganda. Katonda bwe yasiima! O, aleeruuya! Katonda bwe yasiima! Taata omutamiivu. Maama . . . Katonda akuwe omukisa maama, ssirina kikyamu kyonna kye nkwogerako. Naye maama ataalina yadde akatono ennyo k'amanyi ku bikwata ku Katonda nga akamyu bwe katalina kye kamanyi ku bya ngatto zambalwa mu muzira. Ne taata eyagwanga ku makubo nga atamidde. Nga ssirina na ngatto za kugenderamu ku ssomero, nga nzenna enviiri nkulu zituuka ne mu bulago, nga buli omu yankyawa olw'okuba nnali nva mu Kentucky erudda wano mu Indiana. Ddala nga kyali, o, nga nnali kyenyinyalwa. Naye Katonda yasiima! Amiina! Katonda yasiima, Oyo eyanzigya mu lubuto lwa mmange, alyoke Abikkule Omwana We mu nze, nga anfuula omuweereza w'Ekigambo, anaakinywererako, anaayolesa okwolesebwa n'obubonero n'ebyewuunyo n'ebyamagero. Era, ha, bannange!

124 Mulaba kye Yali ayogerako? Ekyo Katonda yasiima okukikola! Atya? Wuliriza bulungi. "Okubi- . . . " Kati leka tusome olunyiriri olw'e 16.

> *Okubikkulira Omwana We mu nze, ndyoke mmubuulirenga mu* b'amawanga; *amangu ago ssaateesa na* kkanisa:

125 "Ssaagenda wa mulabirizi yenna kumubuuza kye mba nkola. Ssaagenda wa muntu yenna alina mubiri na musaayi, wadde eri ebibiina ebigunje oba ekintu ekirala kyonna. Ssaabyebuuzaako yadde. Ssaateesa na mubiri na musaayi. Ssaagenda na mu Yerusaalemi eri bakabona abatukuvu ne baffaaza abatukuvu, n'abalala bonna abo, kubabuuza nti, 'Kaakati, mumanyi, nnafunye okwolesebwa, naye kati nkole ki? Nnalabye Mukama waffe Yesu mu kwolesebwa.' Bandiŋŋambye nti, 'Vva wano, ggwe! Kiki . . . Ggwe omutukuvu eyeevulunga! Ye, kiki ekikutuuseeko?' Nedda ssagendayo, n'okusooka kwa byonna ddiguli zaabwe zonna nnazirina. Nnalina . . . "

126 Pawulo alina ne we yagamba wano, nsobola okubalaga mu Byawandiikibwa, nti yagamba yalina okwerabira buli kimu kye yali yayiga, n'abibala nga obutaliimu, asobole okumanya Kristo. O!

> *So ssaayambuka Yerusaalemi eri abo abansooka okubeera abatume; naye nagenda mu Buwalabu, ne nkomawo nate mu Ddamasiko.*
>
> *Era bwe waayitawo emyaka esatu ne nnyambuka e Yerusaalemi okulaba Peetero, ne mmalayo gy'ali ennaku kkumi na ttaano.*

127 Era bwe tweyongerayo okusoma, tukizuula nti ye n'omutume Peetero bwe baali tebalabaganangako mu bulamu,

nga tebamanyiganye, nga tebalabaganangako, naye bwe baasisinkana baali babuulira Enjiri y'emu. Katonda alina ettendekero. Mukiraba? Weewaawo!

128 Wuuno Peetero, n'ayimirira ku Lunaku lwa Pentekoote, n'agamba nti, "Mwenenye, buli omu ku mmwe, mubatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo, olw'okuggyibwako ebibi byammwe, munaafuna ekirabo eky'Omwoyo Omutukuvu."

129 Firipo n'agamba nti, "O, kino kiyitirivu nnyo! Nange nteekwa okubaako ne kye nkola. Emmanga eri . . . mpulira okuyitibwa okuserengeta e Samaliya." N'aserengetayo n'atandika okujulira ku luguudo. Mangu ago, ne wajja omulwadde, n'amussaako emikono, n'atandika okubuukabuuka n'okujaganya. N'agamba nti, "Ekitiibwa kibe eri Katonda, kye kino!" N'akuba olukuŋŋaana olunene. N'abagamba nti, "Mwenna mwetaaga Omwoyo Omutukuvu." N'abagamba nti, "Kye mulina okukola, mulina okubatizibwa mu Linnya lya Yesu." Bw'atyo n'abatwala, bonna, emmanga eri n'ababatiza bonna mu Linnya lya Yesu. N'agamba nti, "Peetero, kati jangu, obateekeko emikono." Ne bafuna Omwoyo Omutukuvu.

Ne Peetero, engulu eri mu nnyumba ya Koluneeriyo, era kyali mu ngeri y'emu.

130 Pawulo yali tamulabanganako wadde n'okumuwulirako. Naye yayita mu njuuyi eza waggulu ez'e Efeso, n'abaako abayigirizwa be yasangayo. Yasangayo omubuulizi Omubaputisiti, ekyo kye yali, Apolo, munnamateeka eyali yakyusibwa, omugezi, omukugu ennyo, eyakwatanga Endagaano Enkadde n'agikozesa okukakasa nti Yesu ye yali Omwana wa Katonda. Yee, ssebo, yali musajja mugezi. Era baali baleekaana, nga basanyuka. Bayibuli bw'etyo bw'egamba. Ggwe soma essuula ey'e 18 n'ey'e 19 ey'Ebikolwa by'Abatume olabe oba si kituufu. Baalina essanyu, baali bazinira mu Mwoyo, nga bwe badduka bwe badda eno n'eri, nga bwe mumanyi. Pawulo n'ababuuza nti, "Naye mwali mufunye Omwoyo Omutukuvu kasookedde mukkiriza?"

131 Kati eri mmwe ab'oluganda Ababaputisiti ekyo abagezaako okukikkirizisa abantu, nga mugamba mbu kiri eky'Oluyonaani olwasooka kigamba mbu, "Mwafuna Omwoyo Omutukuvu kasookedde, manya *bwe* mwakkiriza?" Mbasoomooza okukindeetera ekyo ekiri mu Luyonaani! Nze eby'Oluyonaani olwo olwasooka mbirina. Nnina n'Olwalamayiki, wamu n'Olwebbulaniya. Ennimi ezo zonna zigamba nti, "Mwali mufunye Omwoyo Omutukuvu *kasookedde* mukkiriza?"

132 "Olokolebwa lwa kukkiriza," okwo kwe kukkiriza kwo mu Katonda. Omusaayi ne gukukuuma nga oli mulongoofu okuva eri ekibi, kubanga gukola ssaddaaka. Omusaayi tegukulokola, Omusaayi gukukuuma bukuumi nga oli mulongoofu. Olokolebwa otya? "Olokolebwa lwa kukkiriza,"

era nga ekyo kijja kuyita mu kumanya kwa Katonda okw'ebintu nga tebinnabaawo, nga akuyita. Olokolebwa, era Omusaayi ne gukutangirira, nga gukukuuma nga oli mulongoofu bulijjo. Ate ku bw'Omwoyo omu n'obatizibwa okuyingira mu Mwoyo Omutukuvu, mu kussa ekimu okw'abakkiriza, ne mu kussa ekimu okw'Omwoyo Omutukuvu, okukulemberwa Omwoyo, n'okukola obubonero n'ebyamagero.

133 Mulindeeko, waliwo ekijja, waliwo kye tulinda, tunaatera okukituukako, ka nsuubire tunaakituukako. Zino ze ssaawa ze nnabagambye okuntegeeza nga ziweze, si ze zzo? Ntunuddeyo butunuzi ku ssaawa ne nziraba. Leka twongereyo e—ensonga endala nga emu oba bbiri. Twe . . . Tu—tusigazzaayo ntonotono.

134 Obulokozi buno buwangaala kumala bbanga ki, bukoma ddi? Bulokozi bwa ngeri ki? Bubeerawo kuva mu kkanisa emu kudda mu ndala? Buva ku . . . Leka tubikkuleko mu Abaebbulaniya 9:11, ka—katono tulabe buwangaala kutuusa ddi, mu ddakiika ntono. Mubikkule mu Kitabo ky'Abaebbulaniya tu—tulabe ebbanga obulokozi buno lye buwangaala. Tulabe bulokozi bwa ngeri ki. Kati leka tusome mu Abaebbulaniya 9:11.

> *Naye Kristo* bwe yafuuka *kabona asinga obukulu ow'ebigambo ebirungi ebigenda okujja, n'ayita mu weema esinga obukulu n'okutuukirira, etaakolebwa na mikono, amakulu,* . . . (Kati ono ye muyigiriza y'omu, Pawulo, mulaba.) . . . *etali ya mu nsi* . . . *mu nsi muno;*
>
> *so si lwa musaayi gwa mbuzi* oba *ennyana, naye lwa musaayi gwe ye, n'ayingirira ddala omulundi gumu* (emirundi emeka? Gumu!) *mu watukuvu, bwe yamala okufuna* . . . (obulokozi obwa wiiki emu, obulokozi obw'okuwangaala okutuuka ku lukuŋŋaana oluddako? Bwa ngeri ki?) . . . *okununula okutaggwaawo*.

135 Ekigambo "Obutaggwaawo" kitegeeza ki? Mu Kristo, nga mmaze okukkiriza . . . Tewali muntu ayinza kuyita Yesu nti ye, "Kristo," okuggyako ku bw'Omwoyo Omutukuvu. N'olwekyo waliwo ebika bisatu eby'abantu: abatakkiriza, abeefaanaanyiriza okuba abakkiriza, n'abakkiriza. Naye abo abakkiriza eri Obulamu Obutaggwaawo, babeera bamaze okuyingira mu mbuga.

136 Okugeza nga yeekaalu ey'edda, baasookanga kukola ki? Baayingiranga mu mbuga, ab'Amawanga. Ekyaddangako ky'ekyoto eky'ekikomo ekizigule, we baanaalizanga ssaddaaka mu kibya ekya zaabu. Ekyaddangako kwe kutta ssaddaaka, n'okumansira omusaayi ku kyoto. Olwo, omulundi gumu buli mwaka, Alooni nga afukiddwaako amafuta, ha, (na ki?) n'akaloosa okuva mu kimuli kya Looza ekya Saloni, amafuta ag'omuwendo agaabangamu akaloosa, ge baamuyiwanga ku mutwe, ne gakulukuta okutuukira ddala ku ggemo ly'ekyambalo

kye. Mwetegereze engeri omusajja ono gye yagendangamu emabega w'eggigi eryo, omulundi gumu buli mwaka, nga asitudde mu maaso ge omusaayi ogw'okuteeka ku Ntebe ey'Ekisa. Era lumu yagendayo n'omuggo gwe mu mwaka ogumu n'agwerabirayo. Bwe baagendayo okugukima, baasanga gumulisizza nga gussizzaako n'ebibala. Omuggo omukadde oba oli awo gwe yali yakwata okumala emyaka ana mu lukoola, gwateekebwa mu Kifo ekyo Ekitukuvu! Mwekkaanye, bwe baatwalangayo omusaayi ogwo ogw'endagaano, omusaayi, eyagutwalangayo yabanga afukiddwaako amafuta. Era yabanga ayambadde ebyambalo ebyabangako obude obutonotono, enkomamawanga awamu n'ekide. Era omusajja oyo yali alina okutambula mu ngeri nti buli lwe yasenvulanga okugulu kwe, n'atambula *bw'ati* n'asitula ekigere, nga bivuga nti "Mutukuvu, mutukuvu, mutukuvu, eri Mukama. Mutukuvu, mutukuvu, mutukuvu, eri Mukama. Mutukuvu, mutukuvu, mutukuvu, eri Mukama." Ha, bannange!

137 Kiki kye njogerako? Mukiwulire Ekyo, mmwe Ekkuŋŋaaniro lya Branham! Mufunye akakisa kammwe. Omuntu bw'amala okufukibwaako amafuta ag'Omwoyo Omutukuvu, omuntu oyo okusobola okutongozebwa mu famire ya Katonda, Kitaffe amuteeke mu kifo kye, abeeko wano n'obuweereza mw'ateekebwa, nga ateekebwa mu kigendererwa ekyamutondesa, oba ekyo Katonda ky'abeera yamuyitira okukola, okutambula kw'obulamu bwe kuteekwa kuba "Mutukuvu, mutukuvu, mutukuvu, eri Mukama. Mutukuvu, mutukuvu, mutukuvu!"

"Ha, naye olina okukyuka ogoberere *bino* era obeere . . . "

"Mutukuvu, mutukuvu, mutukuvu, eri Mukama."

"Ha, naye olina okukkiriza ebyo byonna omukadde bye yagamba, *bino*."

138 Ye addamu kimu nti, "Mutukuvu, mutukuvu, mutukuvu, eri Mukama." Leka Ekigambo Kye kye kiba kikulembera, leka Kye kiba kibeera buli kimu kyonna gy'oli, nga kinnyikidde, kintebenkedde mu mutima gwo! Enneeyisa yo eteekwa kuba mu Kigambo. "Mutukuvu, mutukuvu, mutukuvu, eri Mukama."

139 "Ha, ye ssinga ojja eno! Nkukakasa, tujja kutegeka, tukuyingize mu kibiina kyaffe, era ojja kubeera muntu w'amaanyi."

140 "Mutukuvu, mutukuvu, mutukuvu, eri Mukama. Mutukuvu, mutukuvu, mutukuvu, eri Mukama," nga bwe weeyongera mu maaso, nga oli entambi zino ne bw'azoogerera ebyenkana wa, nga ggwe tekirina kye kikukyusaako n'akatono.

141 "Kola *kino,* kola *kino,* kola *kiri,* kola *kiri,* oba *ekirala kyonna*."

142 "Mutukuvu, mutukuvu, mutukuvu eri Mukama." Nga ggwe amaaso go ogeekalirizza Kaluvaaliyo, nga tewali kintu kyonna kigenda kukuyimiriza! Nga entambula y'obulamu bwo yennyini, oli mu kutambulira mu Kkubo eddene erya Kabaka, nga ofukiddwaako Amafuta ag'omuwendo, oyingira Awatukuvu w'awatukuvu. Hwyu! Amiina. Kale.

143 Pawulo yagamba nti Kino teyakifuna kuva eri muntu. Kaakati agamba atya, bwe tuddayo mu Abaggalatiya, ku ky'okuyigako kyaffe? "Bwe yatutegeeza ekyama eky'okwagala Kwe." Ebyo by'Ayagala bye biriwa? "Yatutegeeza ekyama ky'okwagala Kwe." Eri mmwe abawandiika, lunyiriri lwa 9. Kaakati ŋŋenda kwanguwako kino nkyogereko, kubanga obudde butugendako.

144 O, buli Kigambo ki . . . ? . . . O, buli Kigambo nsonga nkulu nnyo ey'omuwendo. Osobola okukikwata n'ogenda nga bwe weeyongera okukirambulula. Osobola okusima, nsobola . . . Osobola okuggyawo kimu ku Bigambo ebyo, n'okizzaayo mu Lubereberye n'okirambulula, n'okitwala mu Kuva era n'okirambulula, osobola okukitwala mu Kyabaleevi ne weeyongera n'okirambulula, era, w'otuukira mu Kubikkukirwa, buli katundu ku Kyo abeera Yesu! Amiina. Osobola okirambululira ddala nga bw'oyagala, era kijja kukomekkereza nga kiggyayo Yesu w'onaatuukira—w'onaatuukira mu Kubikkulirwa. Kuba, Yagamba nti, "Nze Eyaliwo, Aliwo, era Ow'Okujja. Nze Kikolo era Omuzukkulu wa Dawudi, Emmunyeenye y'oku Nkya. Nze Alufa, Omega." Ekyo ze nnukuta A okutuuka ku Z mu walifu y'Oluyonaani. "Nze A okutuuka ku Z. NDI! Nze byonna mu byonna." Ekyo kituufu. "Nze eyali omulamu ne nfa, kaakano ndi Mulamu emirembe n'emirembe. Nnina ebisumuluzo by'okufa n'eby'emagombe." Ha, bannange! Buli nsonga ey'omuwendo gy'onokolayo wano n'otandika okugiwawula, ejja kukomekkereza mu Yesu.

145 Kaakati, tugenda kweyongerayokko katono oluvannyuma tujja—tujja—tujja—tujja, tujja kuwunzika. Weewaawo. Kaakati, tulinze ki? Wakimye ki mu lukuŋŋaana? Ekigendererwa kyalwo kigendererwa ki? Ensi esindira ki? Bbomu nnamuzisa erengejjera eruuyi eri ya ki, obuweke obusirikitu n'obutoffaali bya ki? Ne, abaffe, byonna byaki?

146 Mubikkuleeko mu, Abaruumi 8, katono. Birindiridde ki? Bino byonna birinze ki? Biro ki? Abaruumi, essuula ey'o 8, tusome okutandikira ku, ha, ndowooza ku lw'ekkumi n'omunaa- . . . Leka tutandikire awo ku lw'ekkumi n'omwe- . . . ku lunyiriri olw'e 19, tu—tutandikire wano wennyini okusobola oku—okulunyumirwa obulungi. Ekyo kituufu. Mmanyi we mwolekedde awo. Kale. Abaruumi, essuula ey'o 8, kati nzikiriza kiri awo. Yee, ssebo. Essuula ey'o 8 tutandikire wano nga ku lunyiriri olw'e 18. Leka tutandikire ku lunyiriri olw'e 14.

Kubanga bonna abakulemberwa Omwoyo gwa Katonda, abo be . . . baana ba Katonda. (Ekyo kituufu.)

Kubanga temwaweebwa nate mwoyo gwa buddu okutya; . . .

147 "Ha, simanyi oba nnaaguma ne mmalako. Oooo, ssinga nsobola okuguma ne mmalako!" Tolina by'oguma! Ensonga teri nti ŋŋumye, wabula eri nti Ye yaguma n'amalako. Ndi mu Ye kati, olaba.

148 Kati, oyinza okugamba nti, "Kati, bwe mba ndi mu Ye!" Kati mmwe—mmwe Abapulesibeteriyani mugenda ne mugamba mbu, "Naye, Ekyo ffe bulijjo kye tukkiriza." Naye obulamu bwo bukakasa nti toliimu, okuggyako nga otambulira mu bulamu nga Ye bwe Yatambuliramu, era n'okkiriza n'Enjiri y'emu gye Yabuulira.

149 Oyinza okugamba nti, "Ah," Omubaputisiti ajja kugamba nti, "ddala nzikiririza mu bukuumi Obutaggwaawo." Naye ate afulume agende afuuwete ssigala n'okugenda mu ndongo, n'abakazi basaleko enviiri zaabwe, beesiige langi mu maaso bonna beeyise nga ki? Ebibala byo biraga nti tokikkiriza.

Bwe nkubuuza nti, "Okkiririza mu kuwonya okuva eri Katonda?"

"Ha, Dokita Jones yagamba *kwaliwo*, naye ebyo byali bya biro biri ebyayita."

150 Kati, ggwe munnanfuusi ggwe! Kikyamu ki ekikuliko? Ggwe mwana ggwe eyalimbibwa. Enjiri ekuli wala nnyo okutuusa nti kya nnaku kyennyamiza. Akaseerezi kaakuwugula ne kakujja ku kkubo ne kakukasuka ku ntuumu ya kasasiro ali mu kwokebwa. Bye Yayogera tobiraba wano? Nti, buli mwoyo ogwatula nga Yesu tazze mu mubiri mu kaseera kano kennyini, guba mwoyo mukyamu. Bayibuli egamba Yesu Kristo aba bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Kye Yayogera luli, ky'Ali kati, era ky'Anaabeera bulijjo. Muwulirize.

Kubanga temwaweebwa nate mwoyo gwa buddu okutya; naye mwaweebwa Omwoyo ow'o- . . . [Ekibiina kiddamu nti, "*Okutongozebwa*."—Omuk.]

151 Kati, bw'omala okutongozebwa, kiba ky'ekyo, bw'omala okutongozebwa. Nga oteekeddwa mu kifo kyo, olwo lw'otegeera, nga omukolo gukoleddwa nga oteekeddwa mu Mubiri mu kifo kyo ekituufu. Wali obeera mwana ow'obulenzi, kituufu, era obeera mwana ow'obuwala, bw'ozaalibwa omulundi ogw'okubiri ekyo ky'obeera, okwo kwe kuba okuzaalibwa kwo. Naye kati wano oteekeddwa mu kifo kyo mw'olina okuba.

Ffe *tetwaweebwa mwoyo gwa . . . okutya; naye twaweebwa Omwoyo—twaweebwa Omwoyo w'okufuuka abaana, atukaabya nti Abba, Kitaffe.* (Ekitegeeza nti "Katonda wange." Kale.)

Omwoyo yennyini wamu n'omwoyo gwaffe ategeeza nga tuli—tuli baana ba Katonda:

152 Gukikola gutya? Nga ogamba nti, "Ekitiibwa kibe eri Katonda! Aleruuya! Nze ebyo tebintiisa, ndi mwana wa Katonda," bw'ova awo n'ofuluma n'ogenda okola ebintu by'okola? Omwoyo wa Katonda ajja kukola mirimu gya Katonda.

153 Yesu yagamba nti, "Akkiriza Nze, emirimu gye Nkola naye aligikola." Olaba? Okiraba?

154 Omuzabbibu guno ssinga—ssinga—ssinga—ssinga gwanya ne gubala emizzabbibu, ate oguddako ne gwanya ne gubala nsujju, wabaawo ekitali kituufu. Mukiraba? Eyo ebeera kkanisa eyakookerwako obukookerwa, guba muzzabbibu ogwakookerwako obukookerwa, oyo abeera muntu eyakookerwako obukookerwa. Singa wabaawo omuntu okuva mu ddiini emu, alina ekibiina ky'eddiini mw'agwa agamba mbu Mukristaayo, naye nga talina Mwoyo Mutukuvu talina na Maanyi ga Katonda n'ebintu bino byonna . . .

155 Kati, bw'ogenda ne weeyisa nga bano abatamiivu, mbu olw'okuba wali oyogeddeko mu nnimi. Nnali ndabye ku masetaani nga googera mu nnimi. Yee, ssebo. Ngalabyeko nga gazinira mu mwoyo ne galeekaana ne gavulula ejjovu, na buli kimu kyonna n'ebyo byonna. Ebyo mbirabyeko. Ndi . . . Ebyo si bye njogerako. Njogera ku Mwoyo wa Katonda.

Omwoyo yennyini wamu n'omwoyo gwaffe ategeeza nga tuli . . . baana ba Katonda:

naye oba nga tuli abaana, *era tuli basika; abasika ba Katonda, . . . era abasikira awamu ne Kristo; bwe . . . tubonaabonera awamu, era tulyoke . . . tuweerwe wamu ekitiibwa.*

Kubanga ng'era ng'okubonaabona . . .

156 Muwulirize kino. O, kino bwe kiba ddala si kiyitirivu bulungi!

Kubanga ng'era ng'okubonaabona *okw'omu biro bya kaakati nga tekutuuka kwenkanyaankanya n'ekitiibwa ekigenda okubikkulirwa mu ffe—mu ffe.*

Kubanga okutunuulira ennyo okw'ebitonde . . .

157 Wano ekiyita, wano nninawo—nninawo akagambo awo, mu muwaatwa gw'olupapula akasoma nti, "obutonde" bwe kiri, mu Luyonaani.

. . . okutunuulira ennyo okw'obutonde, obutonde bulindirira okulabisibwa *kw'abaana ba Katonda.*

158 Buli kintu kirinze ki? Obutonde bwonna kiki kye bulinze? Okulabisibwa kw'abaana ba Katonda. Bulinze Kkanisa kutuuka mu kifo kyayo. Ani yali omwana wa Katonda, yali Adamu,

ttwale ki lye yali afuga? Yali nsi. Ye, yali afuga ensi. Si bwe kiri? Yali takyali Elah, Elah, Elohim mu kiseera ekyo; Yali Yakuwa. Mukiraba? Ekitegeeza nti, "Ndi Katonda, naye Nkozeewo ab'omutendera ogwa wansi ku Nze. Era Mbawadde okufuga. Era mu ttwaale lyabwe, ettwaale lye bafuga, y'ensi." Omuntu ye yali afuga ensi. Era obutonde bwonna bulindiridde abaana ba Katonda okulabisibwa. O!

Tulindiridde okujja kw'olunaku olwo
olw'Okufuga okw'emyaka olukumi
okw'essanyu,
Mukama waffe ow'omukisa lw'Alijja n'atwala
Omugole We alindiridde;
O, ensi esinda, ekaabira olunaku olwo
olw'okusumululwa okw'essanyu,
Omulokozi waffe lw'alikomawo nate ku nsi.

159 Si bwe kiri? Bulindiridde. Nga Katonda agezaako okuteeka Ekkanisa Ye mu kifo kyayo, Asobole okweyoleka, nga anoonya okufunayo gw'Asobola okukoleramu bw'ati, w'asobola okugamba nti, "Omwoyo Wange wuuyo akulukuta bulungi. Wuuyo. Kati awo, awo, Nso—Nsobola okukola." N'erudda, n'afunayo omulala erudda naye n'amuteeka mu kifo kye n'agamba nti, "Ono naye Nsobola okumuteeka mu kifo kye." N'amutongoza, n'amuteeka mu kifo kye, n'alabisibwa, n'abaako w'amutwala erudda wano n'amukolera omukolo, n'amutumira Malayika, n'abaako ne by'amutegeeza. Kati, ekyo kibaawo bw'aba agambiddwa mazima! Kati ssinga asangibwa nga akiyiiyizza buyiiya, tekija kukola. Nedda, nedda, ekyo—ekyo kiba tekijja kukola, ebyo tubirabye bingi nnyo. Naye ntegeeza—naye ntegeeza okulabisibwa kw'abaana ba Katonda, Katonda bwe yeeyoleka Ye mwene n'Amutuma. Olwo n'agenda, nga by'ayogera Mazima. By'akola Mazima. By'akola, ayoleka Kristo. Omulamulira ku ki? Ku ngeri gy'anywereramu ku Kigambo, gy'asigala n'Ekigambo. Olaba, buli muntu omutegeerera ku ekyo, ku ngeri gy'anywerera ku Kigambo obutakivaako. "Bwe batayogera nga Kigambo bwe kigamba, kitegeeza tebaliimu Bulamu," Bayibuli bw'etyo bw'egamba. Mulaba? Mubaveeko.

160 Kati leka tusome, bwe tumala tu—tulyoke tumalirize, kubanga obudde bwaffe butugenzeeko. Kale, mu lunyiriri olw'e 10 oba olw'o 9, manyanga.

Bwe yatutegeeza ekyama eky'okwagala kwe, (okututongoza) *nga bwe yasiima yekka, nga bwe yamalirira edda mu ye:*

161 Kino Yakimalirira mu Ye, nga n'ensi tennatondebwa. Bameka abakitegeera? Mukiraba?

Olw'obuwanika obw'omu biro . . .

162 Ha, bannange, tutuuno nate era! Huh! Ha, leka—leka—leka tukibuuke, mulaba.

*. . . olw'obuwanika obw'omu kiseera ky'okutuukirira kw'*ebiro. . .

163 Mukkiririza mu nsengeka z'ebiro? Bayibuli bw'etyo bw'egamba nti, "Mu kutuukirira kw'ebiro." Okutuukirira kw'ebiro kitegeeza ki? Waaliwo ebiro bya, kale, waaliwo ebiro by'Amateeka ga Musa. Waaliwo ebiro bya—bya—bya Yokaana Omubatiza. Waaliwo ebiro bya Kristo. Waaliwo ebiro eby'ebibiina by'amakanisa. Waaliwo ebiro by'okufukibwa kw'Omwoyo Omutukuvu. Kati biro bya kutongozebwa, ensi by'erindiridde, nga esinda. "Era okutuukirira kw'ebiro bwe kulituuka, ekiseera ky'okutuukirira kw'ebiro," okutuukirira kw'ebiro okwo kwe kuli wa? Nga abafu bazuukidde, nga endwadde ziweddewo, nga. . . nga ensi yonna erekedde awo okusinda. "Obujjuvu bw'ebiro." Mulabeeyo kino.

Olw'obuwanika obw'omu biro ebituukirivu, okugattira awamu mu Kristo,. . .

164 Temuli basanyufu? Agenda kukikola atya? Kukuŋŋaanya awamu ebintu byonna mu Ani? [Ekibiina kiddamu nti, "Kristo."—Omuk.] Oyingira otya mu Kristo? ["Ku bw'Omwoyo omu."] Ku bw'Omwoyo omu fenna tubatizibwa okuyingira mu ["Mubiri gumu"] Omubiri gumu. Nga Omubiri ogwo Mubiri gw'Ani? ["gwa Kristo."] Gwamala dda okulamulwa. Yatwala omusango gwaffe. Olwo ffe tuli ki? "Bwe Ndiraba ["Omusaayi."] Omusaayi, Ndibayitako." Buli lw'Atunuulira Omubiri, guba Guli awo gutudde awo, gujjudde omusaayi. Nga ndi munda omwo nnayingiramu ntya? Ku bwa Mwoyo Omutukuvu. Ayitawo buyisi. Ha, bannange!

Era ekiseera ky'okutuukirira kw'ebiro, *okugattira awamu. . . mu Kristo ebintu byonna, ebyo ebiri mu Ggulu ne,. . .*

165 Kati bwe muba mwagala okwogera ku linnya, tusobola okukikwatako kati okumala akaseera. Famire y'Eggulu yonna eyitibwa linnya ki? [Ekibiina kiddamu nti, "Yesu Kristo."—Omuk.] Famire y'oku nsi yonna eyitibwa linnya ki? ["Yesu Kristo."]

166 Munda muno mulimu abakyala abalungi, abalabika obulungi, abagagga, abakyala ddala bennyini, abakyala. Naye waliwo Muky. Branham omu, Muky. William Branham, ye mukyala wange. Oyo y'addayo nange eka. Mukiraba, mmwe abasigadde muddayo na babbammwe.

167 Waliwo Ekkanisa emu ennamu ey'ekitiibwa eya Katonda omulamu, Eyitibwa Linnya Lye, Yajjuzibwa Omwoyo We. Bwe kiri. Ssigamba nti. . .

168 Ssivumirira bikolwa birungi, ssivumirira malwaliro gaabwe na bintu ebirungi bye bakola. Ndowooza birungi nnyo, era mikisa gya Katonda eri abantu abaavu, ababonaabona. Ssivumirira bintu ebirala bino byonna bye bakola. Byonna

birungi, si bibi. N'ebibiina byabwe eby'amaanyi n'obukadde bwa ddoola, waakiri ndabamu ebyo okusinga okulaba ebirabo by'omwenge mu masaŋŋanzira, buli kiseera. Mazima ddala mbassaamu ekitiibwa nga abaweereza abayimirira mu bituuti.

169 Naye bwe kituuka ku kukuŋŋaana awamu ku nkomerero y'ebiro, obutonde buliba bulindiridde kulabisibwa kwa baana ba Katonda, mu biro ebyo e-. . . Asobole okugattira awamu, abo bonna abaayingizibwa mu Kristo. Kristo kye kiki? Bameka. . . Tumuyingiramu tutya? Abakkolinso Ekisooka 12, "Ku bw'Omwoyo omu fenna tubatizibwa okuyingira mu Mubiri gumu," nga gwe Mubiri gwa Kristo, ne tufuulibwa abagabana ku buli kirabo na buli kintu ekirungi kyonna ky'Alina. Ekyo bwe kiri? "Era ensi yonna esinda, ekaaba, nga erindirira okulabisibwa okwo Kristo n'Ekkanisa Ye lwe balyegatta awamu."

Olw'obuwanika. . . obw'omu biro ebituukirivu. . . okugattira awamu. . . mu Kristo, ebiri mu ggulu, n'ebiri ku nsi; ne *mu oyo:. . . ensi; ne mu oyo:*

Mu oyo. . . naffe mwe twafuukira obusika,. . .

170 O, Ow'oluganda Neville nsonyiwa olw'okutwala obudde buno bwonna. Na. . . ekigambo ekyo "obusika." O-o-o-o! O, kiteekwa buteekwa! O-o-o-o! Mmanyi Ye. . . Ye Muganda wange ow'omu lulyo. Si. . . Ka nsuubire sikyamuukiridde. Ndi—ndi—ndi. . . Ssirowooza nti nkyamuukiridde. Naye, ha, bannange! Obuki? "Obusika." Twafuna obusika. Omuntu ateekwa okubaako ne ky'akulekera. Katonda, nga n'ensi tennatondebwa, alina kye yakulekera. Erinnya eriwandiikiddwa mu Kitabo, nti Omwana gw'Endiga bwe gulittibwa olirabikira wamu nagwo. O! Ekyo ka tukiterekere akawungeezi ka leero. Ka tweyongereyokko katono okusoma. Bannange, bannange! Tunaatuuka tutya ku lunyiriri olw'o ku 3 akawungeezi ka leero, manyanga essuula ey'oku 3? Tetunnaba na kuweza nnyiriri ziwera nnya oba ttaano ku eno. Naye, kati tugenda kumaliriza, ŋŋenda kukisoma busomi nkireke.

Mu oyo naffe mwe twafuukira obusika, bwe. . .

171 Twakola tutya? Tufuna tutya obusika buno wano? Tubufuna tutya? Kubanga twatambulira mu bugolokofu? Tufuna tutya obusika buno? Kubanga twayawulibwa okubufuna. Amiina. Hwyu! Baganda bange ab'enzikiriza y'Ekiruminiya, ekyo mmanyi kikaluba nnyo. Ssigenderera kubalumya, naye kinkola bulungi nnyo okukimanya nti. . . O—o—okirina, okirina ow'oluganda, kale. Lwakuba tokiraba bulabi. Naye nga okirina. Okiraba? Oli bulungi, olaba, oli bulungi. Okiraba? Naye, ha, naye kirungi nnyo okukiraba. Weewaawo. Kiringa Ow'oluganda Neville kye yayogedde ku akeedi, eggulo nti, "Funayo eddaala olambule olengere by'olina." Yee, ssebo. Ne Kino bwe kityo bwe

kiri. Omwoyo Omutukuvu wa Katonda lye ddaala lyaffe kwe tusinziira okulengera ebyaffe. Okiraba?

172 Mulaba, obusika. Ha, bannange! "Bwe . . . " Busika kika ki?

. . . bwe twayawulibwa edda mu kumalirira kw'oyo akoza nga bw'ayagala mu kuteesa kwe:

173 Bwe Yali . . . bwe Yali tannabeera Taata, bwe Yali tannabeera Katonda, bwe Yali tannabeera Mulokozi, bwe Yali tannabeera Muwonya, nga bino byonna tebinnabaawo, Yayawula, n'ateeka Erinnya ly'Omwana gw'endiga mu Kitabo, n'alengera wansi okuyita mu kumanyirawo Kwe okw'ebintu ebitannabaawo n'alaba erinnya lyo, nalyo n'aliteekamu. Kiki? Kati bwe waayitawo akaseera ne tujja mu nsi, nga tuzaalibwa abazadde aboonoonyi; ne tutambula mu nsi, nga bwe mumanyi. Okugira kuti, nga Omuyudaaya oli ow'ennyindo eyeeweta nga eddobo, Pawulo, omanyi, era—era aba akyawaga, awo, okugira ati, Ekintu ne kimugamba nti, "Wano, wano, wano, wano, wano!"

Awo n'ogamba nti, "O, Abba, Kitaffe!"

174 Awo nno tujjirira, mulaba. Yatwawula okutuuka mu busika bwaffe mu Ye, obwatwawulirwa. Mukiraba, twabusikira nga n'ensi tennatondebwa. Mukiraba? O! Olw'ekigendererwa Kye Ye okukola nga Ye bw'ayagala mu kuteesa Kwe, ky'ekyo kyennyini, okubeera Katonda era Omulokozi.

Era nammwe gwe mwesiga, bwe mwawulira ekigambo eky'amazima, . . .

175 Era Ani Mazima? Yesu ge Mazima, Amazima g'Enjiri. Njiri ki? Waliwo Enjiri emu yokka. Abaggalatiya 1, wagamba nti, "Ne bw'aba Malayika ssinga abuulira enjiri endala yonna, akolimirwe." Eno y'Enjiri, Enjiri ey'obulokozi bwo; si ndala, tewaliiyo ndala. "Te—tewaliiyo Linnya ddala lyaweebwa wansi w'Eggulu mw'olina okulokokera." Okuggyako mu Linnya ki? [Ekibiina kiddamu nti, "Mukama waffe Yesu Kristo."—Omuk.] Oh, bannange!

. . . mu oyo . . . n'okukkiriza bwe mwakkiriza, ne muteekebwako *akabonero . . .*

176 O, "Bwe mwakkiriza!" Ekyo tuyinza tutya okumala gakiyitako, ow'oluganda? Leka tukiterekere akawungeezi, mugamba mutya? O, bannange! Si—sisobola kweyongerayo ku—kusukka ku ekyo. Leka tukiterekere akawungeezi. Sisobola kumala gayita ku kigambo ekyo "okuteekebwako akabonero," oyingiramu otya, mulaba.

177 Obusika olw'okwawulibwa. Nnina kye nnasikira. Busika ki? Waalina okubaawo omuntu andekera obusika. Oyinza, okuŋŋamba nti, "Yesu ye yakulekera obusika." Nedda bambi! Yesu tandekerangako busika, Yesu takulekerangako busika; Yakka bussi n'asasulira obusika bwo, n'akuleeta eri obusika bwo. Naye erinnya lyo lyali lyawandiikibwa

mu Kitabo ky'Obulamu eky'Omwana gw'endiga nga n'ensi tennatondebwa. Katonda ye yakuwa obusika bwo. Obusika bwo bwe bwasooka. Yesu yajja buzzi . . . Abasinga obungi, eno y'engeri gye bakinnyonnyolamu mbu, "Katonda yagamba, 'Kati nno, waliwo abantu bangi nnyo abaabula. Tewali n'omu ku bo ajja kulokoka, kale Nja kutuma Yesu agendeyo oba oli awo Anaa . . . wanaabaawo aneekuba mu mutima, n'alaba kye Nkoze n'alokoka.'" Nedda, bannaaye! Wofiisi yange siyinza kugiddukanya ntyo, newankubadde nga oluusi sigiddukanya bulungi. Olaba? Ssi—ssiyinza kugiddukanya ntyo. Kati olwo ate Katonda?

178 Katonda, olw'okumanya Kwe okw'ebintu nga tebinnabaawo, yalaba ani alirokoka ne ani atalirokoka, n'Atuma Yesu okulokola abo be Yamala edda okulonda. Pawulo tagamba, mu nnyiriri ttaano nga tonnatuuka ku luno, nti, "Yatulondera mu Ye nga n'ensi tennabaawo"? Obwo bwe busika bwaffe. Katonda yatulonda, n'aleka Yesu ajje asasule omuwendo. Nga gwe guli wa? Okuyiwa Omusaayi Gwe, waleme kubaawo kibi kyonna kitubalirwako. Tewali ky'okola. Naye ssinga o . . .

179 "Oyo agenderera okwonoona nga amaze okuweebwa okutegeera Amazima, waba tewakyali ssaddaaka ndala."

180 Kati, era awo we mujja okuviirayo, mumbuuze nti, "Ate ekyo kyo kiri kitya, Ow'oluganda Branham?"

181 Naye mujjukire nti, mulaba kigamba nti, "abo abaawebwa *okutegeera* Amazima." Amazima tebaagasembeza, wabula baagategeerako butegeezi. Mukiraba? Tekiyinzika eri abo abaamala okwakirwa, ne bafuulibwa abagabana ku Mwoyo Omutukuvu, ne balega ku maanyi g'Ekigambo ekirungi. Nga abakkiriza bali ab'oku nsalo. Bangi nnyo abampandiikidde amabaluwa ku ekyo.

182 Abakkiriza abo ab'oku nsalo baatambula ne batuukawo butuusi, naye Yoswa ne Kalebu bo baayitawo ne bayingirira ddala munda. Lwaki? Kati tugenda kugiyita Mwoyo Omutukuvu, ensi eyo. Baabano emabega *wano* eno. Manya waggulu *wano*, tugambe nti *ono* ye Mwoyo Omutukuvu, kati bo bali *wano* eno, mulaba. Ekisuubizo awo we kiri, kiri *awo*. "'Kale, singa basindikayo abakessi kkumi, omu okuva mu buli kika, ffenna mu bika byaffe ne tusobola okumanya ebifa ku busika bwaffe, na wa buli kika we kiriweebwa nga tusomose, ne tumanya we tulibeera.' Kale, ŋŋenda kubaako abakessi be nsindikayo."

183 Bonna bwe baatuukayo ne batandika kuwoza, "Ha, bannange! Nedda. Bajja kutandika kutuyita batukuvu abeevulunga, okuva awo okweyongerayo. Nedda, huh-uh, ekyo tetujja kukisobola." Mukiraba?

184 Yoswa ne Kalebu ne bagamba nti, "Leka ŋŋende ndabe bw'efaanana." Ne basomoka ne bagendayo ne bekkaanya buli

wamu wonna. Bannange, ne babaako engulu eri gye baatuuka ne batemayo ekirimba ky'ezzabbibu ekinene ne bakomawo nakyo. Ne bagamba nti, "Bannaaye, ensi nnungi, nnungi okukamala! Mukwate, mulyeko, biwooma okukamala!"

185 "O, ebyo byo birungi, naye, ha, lengera aga...Nedda, tetujja kusobola. Nga ffe tweŋŋanga ebibiina by'amadiini ebinene obwenkanidde awo, n'ago agantu agaakula ne gawola? Nedda, banaaye, tetusobola kukikola. Nedda, ssebo! K'abeere ani, tetusobola. Nedda, ssebo." Ne batandika okuleekaana nti, "Bannange, tuddeyo e Misiri awali entamu z'ennyama. Kyandibadde kisingako ssinga n'okusigalayo twasigalayo. Tetusobola kukikola, kano akakubo kafunda nnyo. Tumanyi *kino* tetusobola kukikola, *kiri* tetusobola kukikola."

186 Muzeeyi Kalebu n'abagamba nti, "Mwenna mukkakkaneeko!" Yoswa n'abagamba nti, "Mwenna, musirike! Muleke mbeeko ne kye njogera."

187 "Woowe, zitusanze, zitusanze, zitusanze, tetusobola kukikola! Woowe, tetuyinza. Kati ddala, nga neesonyiwa akabaga kange aka matatu, Ow'oluganda Branham! Nga nkuza nviiri zange nga ez'omukazi omukadde, nze simanyi na kye nnyinza kukola. Nga ndekera awo okwambala obupale bwange obumpi, nze—nze—nze, bannange, ssisobola, nkubuulira. Nga ndekera awo okwenyweera sigala, nga na kiri ndekera awo okukikola!" Okola bukozi kitigi mu bugenderevu. Yee. "Nze bannaaye sisobola kukikola."

188 Yoswa n'agamba nti, "Ha, nnungi nnyo. Aleruuya! Tusobola okugirya." Kyali kiki? Baali batunuulira bibuga ebinene ebyali byebulunguluddwa bbugwe. Naye Yoswa ne Kalebu nga bo batunuulidde kisuubizo Katonda kye yakola. Nywerera ku Kigambo, k'obe ani. Nywerera ku Kigambo!

189 Kubanga Peetero yagamba nti, "Mwenenye, buli omu ku mmwe, mubatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo olw'okuggyibwako ebibi byammwe, kubanga ekisuubizo kiri eri mmwe," (Nsi ki eyasuubizibwa?) "n'eri abaana bammwe, n'abo bonna abali ewala, n'abo bonna Mukama Katonda waffe b'aliyita."

190 Kino tekibayisa bubi, tumaliriza, bambi tekibayisa bubi. Mulaba? Abo be ba mmwe ab'enzikiriza ya Pilgrim Holiness n'aba Nazarene, mwajja ne muyingira mu kutukuzibwa, ne mweyongera ne musemberera ddala ne mutuuka we musobolera n'okulengera emizabbibu, naye ne mukyuka ne muddayo emabega. Mulaba ekyabaawo? Awo we wali omutawaana, temwasomoka kuyingira nsi. Ndagaayo ow'enzikiriza y'aba Nazarene omu oba ow'enzikiriza y'aba Pilgrim Holiness, oba omulala yenna ku abo akola olwa leero, nga abeera n'enkuŋŋaana gaggadde ez'okusabira abalwadde nga obubonero n'ebyamagero bikolebwa. Ndagaayo omu. Mwamatira

n'embeera y'e Misiri, mwaddayo ku ntamu za katunguluccumu. Mwakoma Kadesubanea. Ddala bwe kiri.

191 Mwetegereze, muleke mbawe we mugwa, mu Abaebbulaniya essuula ey'o 6. "Kubanga tekiyinzika eri abo abaamala okwakirwa," eky'okukola mukimanyi. Bwe muba mubadde temukimanyi, kati mukitegedde. Mukiraba? "Ne bafuulibwa abagabana, ne balega ku birabo eby'omu Ggulu."

192 Baalegako, okiraba. Abantu bagenda mu kkanisa, ne batuula ne bagamba nti, "Naye nno, ba—bandiba abatuufu. Ekyo—ekyo—ekyo kyandiba ekituufu. Kyandiba nga ky'ekimu, naye nkubuulira, ggwe, ekyo kyetaagisa okukkiriza kungi nnyo okukikola."

193 "Abaalega ku birabo eby'omu Ggulu, naye ne batwala Omusaayi gw'endagaano okuba 'ekintu ekitali kitukuvu,' ogwo ogwabatukuza."

194 Kiringa omubuulizi, nnyina gw'asindika. Agamba nti, "Nnina okuyitibwa okw'okubeera omuweereza wa Mukama waffe."

195 "Kale. Ekisooka kye nnina okukola kwe kukolera ddala ennyo, era ŋŋenda kubaako ettendekero gye nkusindika." Ekyo kye kintu ekisingirayo ddala obubi maama oyo kye yali akoze. Bwe kiri. Bajja kumuggyamu buli kimu kyonna Katonda ky'abadde agezaako okumuteekamu. Kati, mulabeeyo.

196 "Kubanga bwe twonoona kagenderere, okwonoona akagenderere nga tumaze okufuna okutegeera Amazima, okutegeera. Ne tukiraba mu Byawandiikibwa ne tumanya nti Bayibuli egamba Ye y'omu jjo, leero n'emirembe gyonna. Ne tukiraba Ekyo, okwo kwe kumanya Amazima. Okukiraba, ate ne tukyuka, ne tubala Omusaayi gw'endagaano okuba . . . "

197 Omuntu n'agamba nti, "O, weewaawo nzikiririza mu—mu Katonda." Kati nno, senvula ekigere ekisooka.

198 "Weewaawo, nzikiririza mu kutukuzibwa." Ekyo kirungi, oli ku nsalo, wano wennyini onaatera okufuna Omwoyo Omutukuvu. Naye n'olengera emitala n'ogamba nti, "Wabula ku ekyo si—si—si—simanyi. Bwe mba nnina kweyisa bwentyo . . . Awo nedda. Simanyi. Naye ggwe abantu abo omanyi bye babayita? Uh-huh, ekyo sikakasa oba nsobola okukikola oba nedda. Nedda, nzikiriza awo nja kumala gagenda nneegatte ku . . . ? . . . " Mukiraba? Mukiraba?

199 Era mumanyi ekiddirira? Yagamba nti, "Eri abo bwe batyo tekisoboka kuyingira." Baba boonoonye ekisusse nga tebakyalinayo kakisa ka kusonyibwa. Bayibuli bw'etyo bw'egamba. Ekyo mmanyi kikalubo, naye Bayibuli egambye nti, "Abo abaalega ku birabo eby'omu Ggulu, naye ne batwala Omusaayi gw'endagaano okuba . . . "

200 Bagamba nti, "Nzikiririza mu kutukuzibwa, n'otambulira mu bulamu obulungi, obulongoofu."

201 Weewaawo okikkiriza, naye bw'olabye okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, n'okubatizibwa n'ebintu bino byonna mu Bayibuli, okozeewo ki? Ate Omusaayi gw'endagaano mwe watukuzibwa ogututte obutaba "mutukuvu." Ddala kyali kiki ekyakuyimusa ne kikuteeka waggulu eyo, ssebo? Kyali kiki. . . ?. . . Kiki ekyakutangira n'otabeera mwonoonyi lukulwe? Kiki ekyaggya ekibi mu bulamu bwo, okunywa sigala n'okunywa omwenge, n'abakazi okubiggya mu bulamu bwo, ebitaalina kuba mu bulamu bwo? Kiki ekyabikola? Gwali Musaayi ogw'endagaano! Kati ate n'osemberera ddala n'otuuka n'okulega ku zzabbibu eriva mu Nsi eri, naye Enjiri n'ojikwatibwa ensonyi, n'otya eddiini yo! Katonda akusaasire! Yee, ssebo. "N'otwala Omusaayi gw'endagaano okuba 'ekintu ekitali kitukuvu,' n'okola ebikontana n'emirimu gy'ekisa. Eri omuntu bwatyo tekisoboka kuyingira mu Nsi eyo."

202 Biki ebyaddirira? Mbabuuza. Kati ndi muntu ageraageranya ebintu eby'enjawulo, era omuntu yenna amanyi Bayibuli abeera muntu ageraageranya ebintu eby'enjawulo. Waliwo n'omu ku basajja abo eyalinnya ekigere mu nsi eyo ensuubize? Tewali n'omu ku bo. B'ani abaatuukayo, b'ani abaagendayo? Abo abaagendayo ogwasooka, ne bakomawo ne bagamba nti, "Tusobola okugirya, Omwoyo Omutukuvu tusobola okumufuna kubanga Katonda bw'atyo bwe yayogera! Peetero yagamba ku Lunaku lwa Pentekoote, nti ssinga 'nneenenya ne mbatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo,' nnina okufuna Omwoyo Omutukuvu, nze nnaweebwa ekisuubizo. Ndi mwetegefu okukikola. Kyange, ekisuubizo kyange." Mukitegeera? "Kati ekisuubizo kyange. Nkitoola, kyange. Mazima ddala kyange." Baali abo bokka.

203 "O," oyinza okuŋŋamba nti, "naye, Ow'oluganda Branham, balibeera mu kuzuukira!" Tebalibaayo. "Nayo, tebalibaayo?" Nedda, ssebo. Yesu bwe yagamba.

204 Baamugamba nti, "Kati Weefudde wa maanyi nga Musa, era Ogamba mbu Waliwo, era 'Walaba Ibulayimu.'" N'agamba nti, "Ate—ate—ate—ate nga Ibulayimu yafa dda! Nga kisoboka kitya, Ggwe—Ggwe atannasussa na myaka makumi ataano, Otugambe mbu wali Olabye ku Ibulayimu?"

205 Ye n'abagamba nti, "Ibulayimu bwe yali tannabaawo, nga NDI." O, bannange! Ye "NDI," Katonda Ataggwaawo, abeerawo olubeerera. Si jjo, si nkya, "NDI." Mulaba? Katonda abeerawo olubeerera, Elohim, "NDI." Ne bamwambusa. . . Nga kati bagenda kumutta.

206 N'agamba nti, "Naye, bajjajjaffe baalya emmaanu mu ddungu okumala emyaka ana. Katonda yatonnyesa emmere okuviira ddala mu Ggulu n'abaliisa. Baagendanga mu kkanisa

era baali bannakkanisa balungi okumalira ddala emyaka amakumi ana. Mmange yafiira mu kkanisa eno mwennyini," n'ebintu ebiringa ebyo. "Bajjajjange baalya emmaanu mu ddungu okumala emyaka ana."

207 Yesu n'amugamba nti, "Naye bonna baafa." *Okufa* kitegeeza "okwawukanyizibwa ddala Emirembe egitaggwaawo." "Bonna baafa. Naye Mbagamba nti, Nze Mmere ey'Obulamu eyakka okuva mu Ggulu ewa Katonda. Omuntu alya ku Mmere eno ey'Omwoyo, abeera n'Obulamu Obutaggwaawo era tayinza kuzikirira. Era Ndimuzuukiza ku lunaku olw'enkomerero." O, ow'oluganda, ssi mulungi?

Ssi mulungi, ssi mulungi, ssi mulungi nnyo?
Yesu Mukama waffe ssi mulungi nnyo?
Amaaso galabye, n'amatu gawulidde, ebyo ebyawandiikibwa mu Kigambo kya Katonda;
Yesu Mukama waffe ssi mulungi?

208 Si bwe kiri? Tulaba Omwoyo We akebera emyoyo nga atambula mu makkati gaffe. Tumulaba nga akola ebyamagero n'obubonero n'ebyewuunyo. Tukiwulira wano nga bwe Kyawandiikibwa mu Kigambo, ne mukirabako nga kikakasibwa awo wennyini. Ha, bannange!

Amaaso galabye, n'amatu gawulidde, ebyo ebyawandiikibwa mu Kigambo kya Katonda;
Yesu Mukama waffe ssi mulungi?

209 Mu ddakiika nga bbiri, oba ssatu eziddako, wano wagenda kubaawo okubatiza. Era kati abo abagenda okubatizibwa, nsaba abakazi badde ku ludda *luno,* ate abasajja ku ludda *luli*. Kaakati abasajja ba kukwata wano *eno*, ku mukono gwange ogwa kkono. Ate abakyala bakwate ku ludda *luno*. Wajja kubaayo bannyinaffe abalina engoye. Era kati wano bwe wabaawo omusajja yenna oba mukazi yenna enkya ya leero, nga omatiziddwa nti okkiririza mu Kigambo kya Katonda, era okkiriza nti Katonda akuuma ekisuubizo Kye, nti singa omuntu yeeneenyeza ddala ebibi bye byonna . . . Kati, Omusaayi tegulina kintu kyonna kye gwakoze. Nedda, wano kukkiriza kwo mu Katonda. Era Katonda ayita, ky'ova owulira, "Phew, phew, phew!" nga akuyita, kati ekyo kwe kiva, "Phew, phew!"

"Ssibatizibwanga."

"Phew, phew!"

"Nnina, nno, okukyuka okutandika okukola ebyawukana ne bye mbadde nkola."

"Phew!" Ekyo, ky'ekyo, tandika, olwo—olwo ojja kukola ebyawukana ku by'obadde okola nga omaze okutandika. Olaba? Olina okukyuka, otandike, olaba.

Oyinza okuŋŋamba nti, "Naye, nze nga mba—mba—mbadde ssikiraba mu ngeri eyo."

210 Kati, muganda wange omwagalwa, njagala ondageyo Ekyawandiikibwa kimu omuntu yenna . . . Kino nzize nkibuuza okumala emyaka asatu mu gumu gye mmaze mu buweereza okwetooloola wonna mu nsi, nga nkibuuliza mu maaso g'abalabirizi n'abalala ab'enjawulo, nga mbabuuza bandage omuntu omu, omuntu omu yekka we yali abatiziddwa mu ngeri endala yonna etali mu Linnya lya Yesu Kristo. Na buli omu yenna eyali teyabatizibwa mu Linnya lya Yesu, yalina okujja addemu nate abatizibwe mu Linnya.

211 Katonda yalina Erinnya limu lyokka, era Erinnya Lye ye Yesu. Nga ye Mwana We, Yatwala Linnya lya Mwana We. Katonda! Kati, Yesu, omubiri yali muntu. Ekyo tukimanyi. Oyo ye yali Omwana wa Katonda eyasiikirizibwa. Kati tetukkiririza mu bwannamunigina nga abamu bwe bakkiriza, abagamba mbu Katonda alinga bw'olaba olugalo lwo. Tukkiriza nti waliwo ennee . . . enneeyoleka za ngeri ssatu Katonda mwe yeeyolekera. Enneeyoleka za ngeri ssatu eza Katonda, Katonda mwe yeeyolekera. Wabula nga waliwo Katonda omu. Mukiraba? Bwe kityo bwe kiri. Tetukkiriza . . . Tukkiririza mu—mu . . . Leka nkiggyeyo bwe nti, tukkiriza nti Katonda yabeeranga mu woofiisi ssatu. Lumu Yalina woofiisi ku nsi.

212 Kati, mmwe abakazi mudde ku ludda *luno*, ate mmwe abasajja mudde ku ludda *luno*, abo abali mu kwetegeka. Kati beetegekera kubatizibwa mu kiseera kino.

213 Era, kati, Katonda yalina woofiisi ssatu. Emu ku zo yali eyitibwa eya Taata, oba ekiseera eky'obwa Kitaffe; endala yali eyitibwa ey'okuba Omwana; ate endala nga eyitibwa Omwoyo Omutukuvu. Kati, leero, Kitaffe akolera mu—mu biro ki olwa leero? [Ekibiina kiddamu nti, "Mwoyo Omutukuvu."—Omuk.] Mwoyo Omutukuvu. Yali kiki mu biro ebyakayita bino biryoke biddeko? ["Yesu."] Yesu. Yali kiki mu biro ebyasooka ebyo? ["Kitaffe."] Naye yali Katonda omu! Si bwe kiri? Ye Kitaffe, Mwana, ne Mwoyo Mutukuvu, ebisatu ebyo, ezo ze woofiisi essatu eza Katonda omu. Katonda omu!

214 Naye kati, *Kitaffe* si linnya, si bwe kiri? Njagala mbabuuze. Kati njagala mbawe Matayo 28:19, Yesu we yagambira nti, "Kale mugende, mufuule amawanga gonna abayigirizwa, nga mubabatiza mu Linnya," (E-r-i-n-n-y-a) "Erinnya lya Kitaffe . . . "

215 Kati njagala ndabe oba nga Ebyawandiikibwa byammwe mubitegeera bulungi. Mumbuulira nga nvudde ku mpewo. Awo n'Abagamba nti, "Mugende mu nsi yonna, mubuulire Enjiri eri ebitonde byonna. Alikkiriza n'abatizibwa alirokoka. Naye atalikkiriza omusango gulimusinga. N'obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza. Mu Linnya Lyange banaagobanga emizimu," Ebyo byonna bituufu?

"banaayogeranga ennimi empya, banaakwatanga emisota." Kati ŋŋenda kubanokolera, Matayo . . .

216 Kati muwulirize. Nsaba munnabyafaayo yenna. Kati bino bikwatibwa ku ntambi, bibuna wonna mu nsi. Nsaba munnabyafaayo yenna okujja gye ndi andeetere ekitundu kyonna mu Byawandiikibwa, ekitundu kyonna ekya . . . manya si Byawandiikibwa, ekitundu kyonna mu Byawandiikibwa oba mu byafaayo byonna, akanyiriri konna mu byafaayo akalaga oba nga waliwo omuntu yenna ow'Enzikiriza ezaawakanya Obukatuliki, omuntu yenna gwe yabatiza mu linnya lya "Kitaffe, Mwana, Mwoyo Omutukuvu" okutuusa ekereziya Katolika lwe yakitongoza mu Lukiiko lw'e Nikyeya. Kati ebyo biri ku ntambi, bibuna wonna mu nsi, era bivvuunulwa mu nnimi asatu mu musanvu ez'enjawulo. Nja kukusasulira ebisale byo eby'entambula okusomoka ennyanja. Ddala bwe kiri. "Kitaffe, Mwana, Mwoyo Mutukuvu" njigiriza ya Kikatuliki enkyamu, era ey'obulimba eyagunjibwa obugunjibwa, era si mbatiza ya Kikristaayo. Bwe kiri! Luther ye yagireeta okuva mu ekereziya Katolika, wamu ne katekiisimu, Wesley n'agikoppa n'egenda nga eranda. Naye kino kye kiseera ky'okulabisibwa kw'abaana ba Katonda, ebyama ebyali byakwekebwa kasookedde nsi etondebwa lwe birina okubikkulibwa. Kino ky'ekiseera. Mazima ddala.

217 Mujjukire nti, tewabangawo muntu mu Bayibuli eyali abatiziddwa mu linnya lya "Kitaffe, Mwana, Mwoyo Mutukuvu." Okumala emyaka ebikumi bisatu nga omutume eyasembayo okufa amaze okufa, tewaaliwo muntu yenna yabatizibwa mu linnya lya "Kitaffe, Mwana, Mwoyo Mutukuvu." Baalina . . . Nnasoma ebitabo byombi ekya *Pre-Nicene Fathers, Nicene Council,* era eyo gye baagunjizaawo kye baayita "ekkanisa y'abagoberezi ba Kristo ebuna wonna" ne bagikolamu ekibiina ne bawaliriza abantu bonna okukyegattako, nga ekyo ye ekereziya Katolika. Ekigambo kyennyini *obukatuliki* kitegeeza "ekibuna ensi yonna," ekkanisa y'abagoberezi ba Kristo ebuna wonna, mu nsi yonna, ekkanisa emu etuuka mu buli kanyomero k'ensi. Naye nga Obukristaayo buno, abantu babakaka bukasi okubuyingiramu. Mu bwo balina bye baakoppa, baggyawo Venus ne bateekawo Maliyamu. Baggyawo Pawulo . . . manya Jupiter, ne bateekawo Pawulo. Busigala bukaafiiri! Bwe kiri. Ekereziya Katolika omwo mwe yava, era oluvannyuma lw'emyaka bitaano . . .

218 Waliwo firimu gye balaga kati mu Louisville, ekwata ku *Ben Hur.* Baasooka kulaga ekwata ku *Mateeka Ekkumi* ebbanga si ddene eriyise. Singa babadde basobola okubaako ne gye bazannya ekwata ku, ssinga basobola, ekwata ku myaka olukumi mu ebitaano egy'emirembe egy'ekizikiza. Ssinga nayo bagizannya. Emyaka lukumi mu bitaano nga abakaafiiri bayigganya abakkiriza, mwe baawaliririza buli muntu era ne

babatta, ne babatemula, ne babatuga. Ne babateeka wakati w'ente ennume emu ku ludda olumu n'endala ku lulala, ne babawalirirza basalewo okunywegera omusaalaba oba si ekyo okubateera ente eri ku ludda olumu oba eri ku ludda olulala zibatomere. Nnakwatako n'omukono gwange ekifo kyennyini mu Switzerland, emabega w'enkondo we baabasimbanga ne babasalamu ennimi n'okubalangira nga bwe bali abalogo n'ebintu eby'enjawulo bye baabakola. Ekyo ddala bwe kyali. Bwe kiri!

219 Era omwoyo gwe gumu ogwo weeguli olwa leero. Amateeka gokka ge gagukugira. Mulinde lwe gulifuna eddembe lyagwo. Bayibuli bw'etyo bw'egamba. Mulinde bulinzi lwe guliraga kye guli, nga gufunye akakisa okukikola. Mwandigulonda okuguwa obuyinza mu bbanga eritali lya wala, okusinziira nga bwe mmanyi. Mukiraba? Gujja, gujja kujja. Tewali ngeri yonna ya kuguziyizaamu. Guteekwa okujja. Ekyo bwe kiri. Gulina okujja, gujja. Kale bwe gulijja, mubeere bulindaala. Naye, ow'oluganda, kye wetaaga okumanya kiri kimu kyokka, Gwe nnakkiriza mmumanyi. Aleeruuya! Nkumba ŋŋenda mu maaso. Olaba. Ky'ekyo.

220 Waliwo ekiseera o—omuwandiisi, lwe nnagamba omuwandiisi wa Bayibuli ey'enzivuunula ya Lam-. . . Lamsa—Bayibuli ya Lamsa, bwe yatunula n'alaba akabonero ka Katonda ako ak'edda, kennyininnyini, nga kalimu obutonnyeze busatu, ne mmubuuza nti, "Obwo butegeeza ki?"

N'aŋŋamba nti, "Oyo Katonda mu nneyoleka ez'engeri ssatu."

Ne mmugamba nti, "Nga Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu?"

N'antunuulira. N'ambuuza nti, "Ekyo okikkiriza?"

Ne mmuddamu nti, "Yee, ssebo."

221 N'aŋŋamba nti, "Bwe nnalaba okwawula ebirowoozo okwo ekiro kya luli, nnagamba muli nti olabika oli nnabbi wa Mukama." N'agamba nti, "Katonda awe omukisa omutima gwo." N'anneebulunguluza omukono gwe, n'aŋŋamba nti, "Kati ntegedde nga ddala bwe kiri." N'agamba nti, "Bano Abamerika n'okumanya tebamanyi." N'agamba nti, "Tebalina na kye bamanyi." N'agamba nti, "Bagezaako okuddira Ekitabo ekyava mu Buvanjuba bakifuule Ekitabo eky'Ebugwanjuba. Ne Bayibuli gye balina tebagitegeera." N'agamba nti, "Tewaliiyo Linnya ddala lyaweebwa wansi w'Eggulu, tewaliiyo Linnya ddala lyonna, kubanga buli muntu yenna yabatizibwanga mu Linnya lya Yesu Kristo. Mbu abaperesoona basatu mu Katonda omu teriiyo kintu kya ngeri eyo." Kati oyo ye W'oluganda Lamsa, Dokita Lamsa, eyavvuunula Bayibuli emanyiddwa nga eya Lamsa, nga mukwano nnyo gwa Eisenhower n'abakungu bonna ab'ebitiibwa ab'ensi, n'abalala abatali bamu, n'anneetoolooza

emikono gye, n'aŋŋamba nti, "Lumu balikukuba amasasi olw'ekyo. Naye," n'aŋŋamba nti, "jjukira kimu, nti abantu abo bonna bafiirira nsonga."

222 Njagala kuba nga Peetero ow'edda bwe yasibibwa mu kkomera. Mwalimu akavubuka nga bambi konna keeraliikiridde. N'akabuuza nti, "O, mutawaana ki?"

Ne kamubuuza nti, "Okimanyi nti ogenda kuttibwa?"

Peetero n'addamu nti, "Yee."

Ne kamugamba nti, "Ekitegeeza, weetegekera kufa leero."

N'addamu nti, "Yee."

Ne kamubuuza nti, "Naye, ba—bali . . . totidde?"

N'agamba nti, "Nedda."

Ne kamugamba nti, "Oteekwa okuba nga oli omu ku abo be bayita Abakristaayo."

N'addamu nti, "Yee."

Ne kamubuuza nti, "Kiki ekyabaddewo?"

223 N'akabuulira, n'akkakkana wansi n'akanyumiza bwe byali. Emboozi eba ekyagenda mu maaso, n'abaako we yatuuka, n'akagamba nti, "Naye nno ssandibadde musibe enkya ya leero. Nnabadde nsobola okugenda ne mbaako ekimu ku bibiina byabwe eby'eddiini kye nneegattako ne ŋŋenda mu maaso n'obulamu, okiraba. Ssandibadde musibe. Naye bwe nnatanudde okufuluma omulyango gw'ekibuga, waliwo gwe nnalabye Ajja, nga agenda kuyingira. Nnamutegedde. Era nnamubuuzizza nti, 'Mukama wange, ate Olaga wa?' Ye n'anziramu nti, 'Nzirayo kuddamu kukomererwa.'" N'agamba nti, "Nnakomyewo bukomi."

224 Aba akyanyumya ne babuuza nti, "Ani ayitibwa Simooni Peetero?"

N'ayanukula nti, "Nzuuno!"

Ne bamugamba nti "Ggwe gwe tulinze."

Naye n'abagamba nti, "Nange obwedda mmwe be nninze." Ne yeesowolayo afulume.

225 Akavubuka kali ne kamukwata ku kibegabega, ne kamugamba nti, "Lindako katono, Simooni; nange Katonda oyo mmukkirizza! Era kati ssitidde; nze gwe baba bazzaako." Ddala. Aleeruuya!

Ebeera . . . Etonnya musaayi, weewaawo, etonnya musaayi,
Enjiri eno ey'Omwoyo Omutukuvu etonnya musaayi,
Omusaayi gw'abayigirizwa abaafiirira Amazima,
Enjiri eno ey'Omwoyo Omutukuvu yeeyongera okutonnya omusaayi.

Eyasooka okufa ku lw'enteekateeka eno ey'Omwoyo Omutukuvu,
Yali Yokaana Omubatiza, wabula yafa masajja;
Oluvannyuma ne wajja Mukama waffe Yesu, Ye baamukomerera bukomerezi,
Yabuulira nti Omwoyo yali wa kulokola abantu okubaggya mu kibi.

Kati ate waliwo Peetero ne Pawulo, wamu ne Yokaana omutukuvu,
Abo bo obulamu bwabwe baabuwaayo ku lw'Enjiri eno esobole okwaka;
Ne bayiwa omusaayi gwabwe, nga bannabbi ab'edda,
Ekigambo kya Katonda eky'amazima kisobole okubuulirwa mu bwesimbu.

Waliwo emmeeme eziri wansi w'ekyoto, nga zikaaba zibuuza, "Kiritwala bbanga ki?"
Mukama okubonereza abo abakoze obubi; (Wuliriza!)
Naye wagenda kubaawo n'abalala bangi abajja okuwaayo omusaayi gw'obulamu bwabwe
Ku lw'Enjiri eno ey'Omwoyo Omutukuvu n'omugga gwayo ogw'omusaayi.

Etonnya musaayi, weewaawo, etonnya musaayi,
Enjiri eno ey'Omwoyo Omutukuvu etonnya . . . musaayi,
Omusaayi gw'abayigirizwa abaafiirira Amazima,
Enjiri eno ey'Omwoyo Omutukuvu etonnya musaayi.

226 Ekyawandiikibwa kimu kyokka nga tetunnagenda:

. . . ne bagamba Peetero n'a . . . abalala bonna, *Abasajja ab'oluganda, tunaakola tutya* okulokolebwa?

. . . Peetero n'abagamba nti, Mwenenye, buli muntu mu mmwe mubatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo okuggyibwako ekibi kyammwe, *munaweebwa ekirabo gwe Mwoyo Omutukuvu.*

Kubanga okusuubizibwa kwammwe, era kwa baana bammwe, n'eri abo bonna abali ewala, *n'abo bonna abaliyitibwa Mukama Katonda waffe.*

227 Kaakano Mukama abawe omukisa. Nga bwe tufuluma, musobola okulaba okubatizibwa nga bwe. . .?. . .

OKUTONGOZEBWA 3 LUG60-0522M
(Adoption 3)
OBUBAKA BW'OKUTONGOZEBWA OBUDDIRIŋŋANA

Obubaka buno obwabuulirwa Ow'oluganda William Marrion Branham, bwabuulirwa mu Lungereza ku Ssande ku makya, nga 22 Maayi, 1960, mu Kkuŋŋaaniro lya Branham e Jeffersonville, Indiana, mu Amerika, buggyiddwa ku lutambi olwa kkaseti ne bukubibwa mu Lungereza nga tebukyusiddwamu. Buno obuvvuunuddwa mu Luganda bwakubibwa era ne busaasaanyizibwa aba Voice Of God Recordings.

LUGANDA

©2022 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org